

Amawulire Amalungi nga bwe Gaategezebwa Makko Okuyigiriza Okwasooka okwa Yesu Kristo

Ekitabo Ekinnyonnyola Baibuli mu Luzungu olwangu-
okusoma olw'ensi yonna ku lw'okuyiga okwa
ssekinnoomu oba okw'ebibinja



MAKKO

Ekitundu Ekisooka:
Essuula 1 okutuuka ku 8

Kyawandiikibwa
Fred Morris

Eri omusomi oba omukulembeze

Ebitabo bino ebikwata ku Baibuli binnyonyola amazima agakwata ku Kigambo kya Katonda mu ngeri ennyangu okusoma n'okutegeera. Osobola okukozesa ebitabo bino okusoma Baibuli ku lulwo oba awamu n'abalala mu kabinja. Mu kusoma okw'omu kabinja, buli muntu alina okuba ng'alina ekitabo kye ye awamu ne Baibuli bwe kiba kisoboka.

Waliwo eby'okuyiga bingi nnyo mu kitabo kino. Mwattu bisome mpola mpola era nga bw'obirowoozaako. Saba Katonda akuyambe okussa mu nkola ebintu by'oyiga mu bulamu bwo ggwe n'embeera yo.



Kaakano Soma: Woolaba kano, kitegeeza ggwe oba omukulembeze w'akabinja ko mulina bulijjo okusoma ebyawandiikibwa bya Baibuli okusooka nga temunnasoma bigambo ebiri mu kitabo kino.



Yogera ku: Woolaba kano, waliwo ebibuuzo ebiyinda okubuuzibwa mu kuyiga okw'omu kabinja. Era biyamba omusomi okutegeera ennyiriri za Baibuli.



??? Ebibuuzo ebirina eby'okuddamu ebiwerako. Woolaba kano, waliwo ebibuuzo ebiriko eby'okuddamu ebiwera bisatu; eby'okuddamu ebimu bituufu, ebimu bya kuddamu bikyamu. Ebibuuzo bino bikuyamba okulowooza n'obwegendereza ku biki by'osoma. Eby'okuddamu eri ebibuuzo bino biweereddwa emabega w'ekitabo kino. Oyinza okukozesa ebibuuzo ng'okwegezesa kw'omuntu omu.



Woolaba obubokisi obw'emisittale, eby'okuyiga ebiri mu munda okusinga bya bayizi ba Baibuli, abasomesa n'ababuulizi.

Eby'okusoma ebya Baibuli ebyeyongerako weebiri okukuwa eby'okumanya ebikulu. Katonda ajja kubikozesa okwogera gy'oli. Eno y'ensonga lwaki olina okukebera eby'okusoma byonna kaakano oba oluvannyuma era obikozese ku lw'okuyiga eka. Eby'okusoma ebimu biva mu Ndagaano Enkadde (OT), bye 'tuyita ebiwandiiko ebitukuvu'. Kino kye kitundu kya Baibuli ekyawandiikibwa Yesu Kristo nga tannabeera ku nsi. Eby'okusoma ebimu biva mu Ndagaano Empya (NT), ekitundu kya Baibuli ekyawandiikibwa Yesu Kristo nga amaze okubeera ku nsi eno.

Ebitabo ebyogera ku Baibuli ebya Manna biwa amazima ga Katonda ng'omusingi ku lw'abakkiriza bonna. Abantu abakulembera omusomo balina okwongerako enkozesa n'obumanyirivu okuva mu bulamu bwabwe obw'Ekikristaayo awamu n'obulombolombo.

© 2001, 2008 Fred Morris, Manna Publications

First published 2001 in Kenya (English).

Reprinted 2002 in India (Tamil), Uganda (English), Kenya (Swahili), Sudan (Dinka).

Reprinted 2003 in Swaziland (English), Malawi (Chichewa), Sudan (Bari), Uganda (English), Ethiopia (Amharic).

Reprinted 2004 in Kenya (English and Swahili), Pakistan (Urdu), Uganda (English).

Reprinted 2005 revised edition in Myanmar (English and Khumi Chin), Liberia and Uganda (English)

Reprinted 2006 in Zambia, Liberia, Tanzania and Sierra Leone (English) and Myanmar (Mizo Chin)

Reprinted 2007 in Ghana for Niger and Burkina Faso (French); in Ghana for Niger (Hausa); in Nigeria (March and May) Kenya and Uganda (English); in Burundi (Kirundi); in People's Rep. Congo (French)

Reprinted 2008 in Liberia (English) and Togo (French)

Second edition printed in Uganda 2008 (English), Myanmar (Tiddim Chin) and India (Telugu)

Reprinted 2009 in Tanzania (English and Swahili) and in Mozambique (Portuguese)

Reprinted 2010 in Ethiopia (Oromo), Myanmar (English, Dai, Burmese and Tiddim Chin), D.R. Congo, Katanga (Kiluba, Kisongye and French), UK, Nigeria and Uganda (English) and India (Telugu)

Reprinted 2011 in India (Telugu), Cameroon (English and French), Ethiopia (Sidama), Myanmar (Siyin), Guatemala (Am. Spanish) and Serbia (Serbian), Uganda (Lugandan).

OLUGERO LWA MAKKO OLW'AMAWULIRE AMALUNGI AGA YESU KRISTO

Enjiri ya Makko oba 'Amawulire Amalungi', kye ky'okubiri mu bitabo bina mu Baibuli ekikwata ku bulamu bwa Yesu Kristo. Omukkiriza omuto ayitibwa Yokaana Makko yagiwandiika wakati w'omwaka ogwa 42 ne 44 nga Yesu Kristo amaze okujja ku nsi. Yayiga okuva ku Peetero ebintu ebisinga obungi Yesu bye yayogera n'okukola. Ebintu bino byaliwo mu Buyudaaya ne mu Galilaaya, kaakano kye tuyita Isiraeri. Ekitabo kya Makko kitutegeeza bingi ebikwata ku wiiki eyasembayo Yesu nga tannakomererwa ku musalaba okutuuka okufa. Kikoma awo Yesu w'azuukirira okuddamu obulamu nate era n'addayo mu ggulu okubeera ne Kitaawe, Katonda.

Essuula omunaana zino ezisooka ez'Enjiri ya Makko zitutegeeza ku kitundu ekisooka eky'omulimu gwa Yesu ogw'okuyigiriza n'okuwonya. Amawulire Amalungi gali nti Katonda atwagala nnyo nti Ye yatuma Omwana We, Yesu, okufa ku lwaffe mu ngeri eno. Kino kitegeeza nti abantu bonna buli wantu abasinza Katonda ne bakkiriza mu Yesu baliba n'obulamu obutaggwawo wamu na Ye. (TLB)

MAKKO YE YALI ANI?

Yokaana Makko yali Muyudaaya eyalina erinnya lya famire eritaali-lya-Kiyudaaya, eriyitibwa Makkusi. Yayiga bingi okuva ku Peetero era yali muyigirizwa wa Yesu. Peetero yayagala Makko era yamuyita 'mutabani wange' (1 Peetero 5:13). Maama wa Makko yabeeranga mu nnyumba ennene mu Yerusalemi, ekibuga ekikulu ekya Isiraeri (okusooka ekyali kiyitibwa Buyudaaya). Yali amaze okuwulira Amawulire Amalungi aga Yesu Kristo era n'akkiriza. Abakristaayo abalala baakunganiranga mu nnyumba ye okusinza n'okusaba Katonda (Ebikolwa 12:12).

Okumala ebbanga gwanvu nnyo, abantu Abayudaaya baalindirira omukulembeze ow'amaanyi eyasuubizibwa Katonda (Omulokozi oba Masiya). Abantu baalowooza nti Masiya yandibalokodde okuva mu balabe baabwe, Abaruumi, abaafuga ensi yaabwe.

Abakulembeze b'eddiini abasinga obungi baalina abayigirizwa era baava ku mirimu gyabwe okugobereranga omukulembeze n'okumuyigirako. Makko yagoberera Peetero eyagoberera Yesu. Yawulira Peetero ng'ayogera ku Yesu ne ku biki bye yakola. Makko omuvubuka yakkiriza nti Yesu ye yali Masiya (Kristo).

Makko yali mwana wa muganda wa Balunabba, mukwano gwa Pawulo. Yagendanga ne Pawulo ne Balunabba okuyigiriza Amawulire Amalungi mu Asiya Maina (Butuluuki). Naye ate n'abavaako ne yeddirayo eka mu Yerusalemi. Pawulo teyayagala kutwala Makko ku lugendo lwe olwaddako olw'okubuulira enjiri, bw'atyo Balunabba n'atwaala Makko wamu naye ne bagenda e Kupulo. Oluvannyuma, Pawulo ne Makko ne baddamu nate okuba ab'omukwano.

Pawulo yawandiika ng'asinziira mu kkomera, 'Makko yansanyusanga' (Abakkolosaayi 4:11).

Makko yawandiika nti Yesu Kristo ye 'Mwana wa Katonda'. Yesu yeeyita Omwana w'Omuntu'. Lino lye lyaali erinnya Katonda lye yawa bannabbi Be, abasajja abaalondebwa okwogera obubaka bwa Katonda eri abantu (Ezekyeri 12:2). Naye Katonda era yagamba nti Yesu yali Mwana We (Makko 1:11; 9:7). Katonda yalonda omuwala omuto ayitibwa Malyamu okuzaala Yesu (Lukka 1:26 -35;2:1-20).



YOGERA KU BINO:

1. Kiki kye tumanyi ku Makko?
2. Makko yayiga atya ebikwata ku Yesu?
3. Kiki eky'enjawulo ekiri ku Yesu bw'omugerageranya ne bannabbi ba Katonda abalala?



Ebintu amakumi 20 Ebiwandiiko Ebitukuvu bye byogera ku Yesu mu Ndagaano Enkadde (EE)

Ne engeri gye byatuukiriramu mu Ndagaano Empya (EEP)

1. Yesu ye Masiya eyasuubizibwa (Kristo), Omwana wa Katonda. (EE: Eky'Amateeka 18:15; Yereimiya 23:5; EEP: Matayo 16:16; Makko 1:11; Lukka 2:11)
2. Yesu ye Mulokozi eyasuubizibwa ku lw'ensi. (EE: Isaaya 53:12; NT: Lukka 2:11; Abaebbulaniya 7:25)
3. Yesu ye muwonya eyasuubizibwa. (EE: Isaaya 35:5,6; EEP: Makko 2:12; 7:35; 8:25)
4. Yesu yava mu nnyumba ya Kabaka Dawudi. (EE: Isaaya 9:7; EEP: Matayo 1:1)
5. Yesu yazaalibwa mu Besirekemu okuva mu nnyumba / ekitundu kye Yuda / Buyudaaya (EE: Mikka 5:2; EEP: Matayo 2:1)
6. Yesu yazaalibwa omuwala omuto nga tannafumbirwa era nga teyegatangako na musajja yenna. (EE: Isaaya 7:14 ; EEP: Matayo 1:18)
7. Nga omwana omuwere Yesu yatwalibwa e Misiri olw'okukuumibwa eyo. (EE: Koseya 11:1; EEP: Matayo 2:14 , 15).
8. Yesu yagenda mu kitundu kye Galilaaya okuyigiriza abantu. (EE: Isaaya 9:1,2; EEP: Matayo 4:13, 14).
9. Yesu ye yali 'nnabbi omukulu' eyayogerwako Musa. (EE: Eky'Amateeka 18:15; EEP: Yokaana 6:14).
10. Yesu ye kabona waffe emirembe gyonna. (EE: Zabbuli 110: ; EEP: Abaebbulaniya 6:20).
11. Yesu yali mugezi era nga ategeera. (EE: Isaaya 11:2; EEP: Lukka 2:52)

12. Yesu teyayagalwa bantu Be bennyini. (EE: Isaaya 53:3; EEP: Yokaana 1:11)
13. Yesu yandiyansiriziddwa okuyingira mu Yerusalemi nga kabaka omwetoowaze, nga yeebagadde ku mwana gw'endogoyi. (EE: Zakaliya 9:9; EEP Matayo 21:2-9 ne Yokaana 12:12-16)
14. Yesu yalibwamu olukwe omu ku bayigirizwa Be. (EE: Zabbuli 41:9; EEP: Makko 14:10, 18-20)
15. Yesu yalibwamu olukwe olw'ebitundu bya ffeeza amakumi 30. (EE: Zakkaliya 11:12; EEP; Matayo 26:15)
16. Yesu yafuna ebintu ebitali bituufu ebyamwogerwako. (EE: Zabbuli 27:12; EEP: Matayo 26:59-61)
17. Yesu teyayogera bwe yawozesebwa. (EE: Isaaya 53:7; EEP: Matayo 26:62, 63)
18. Yesu yattibwa awamu n'abamenyi b'amateeka. (EE: Isaaya 53:12; EEP: Matayo 27:38)
19. Emikono n'ebigere bya Yesu byafumitibwa. (EE: Zabbuli 22:16; EEP: Yokaana 19:18; ne 20:27)
20. Abantu baasekerera Yesu ne bamwogerako ebintu ebibi. (EE: Zabbuli 22:6-8; EEP: Matayo 27:39, 40)

Waliwo okujuliza okulala kungi mu Ndagaano Empya okwogera ku Ndagaano Enkadde. Mu njiri ya Makko yokka mulimu okujuliza okusukka mu makumi 50 n'okulala nga 90 mu njiri ya Matayo.

KIKI MAKKO KY'AYOGERA KU YESU?

Mu kitundu kino ekisooka eky'Enjiri ya Makko tuyiga ku bikwata ku mulimu gwa Yesu gwe yakola bwe yali nga awezezza emyaka amakumi 30. Yesu yajja okukola emirimu gya Katonda, Kitaawe. Yaliisa abaalumwa enjala (Makko 8:1-13). Yawonya abalwadde (2:1-12). Yalagira badayimooni okuva mu bantu (9:14-32). Yazuukiza abafu (5:42). Eby'amagero bino byalaga nti yava eri Katonda (laba Yokaana 1:14). Makko yayagala ffe tumanye nti Yesu ye Mwana wa Katonda. Yesu yaleeta Enjiri, Amawulire Amalungi nti Katonda ajja kusonyiwa ebibi byaffe bwe tukkiriza mu Mwana We.

Baibuli egamba nti abantu bonna baayonoona (Abaruumi 3:23). Tuzaalibwa tujjudde ebibi, bw'atyo Katonda yatuma Omwana We okutulokola. Ekintu ekisinga obukulu Yesu kye yakola kwaali kutufiirira. Yajja okubonaabona n'okufa. Naye yazaalibwa taliiko kibi. Kitugwanira okufa kubanga tuli boonoonyi. Yesu teyagwanira kufa. Naye Baibuli eyigiriza nti Yesu yajja kutufiirira, mu kifo kyaffe, bw'atyo Katonda asobole okuggyawo ebibi byaffe, bwe tukkiriza mu Mwana We. Ebintu bino byasuubizibwa mu biwandiiko ebitukuvu, emyaka bikumi na bikumi Yesu nga tannazaalibwa.

ENNAKU ZA YESU EZASOOKA



Sooka osome Matayo essuula 1 ne 2 ne Lukka essuula 1 ne 2

Matayo, Lukka ne Yokaana nabo baawandiika Enjiri zaabwe (engero ez'Amawulire Amalungi agakwata ku Yesu Kristo). Matayo ne Lukka mu Njiri zaabwe batutegeeza ebikwata ku kuzaalibwa kwa Yesu ne mujjwa We Yokaana Omubatiza.

(Makko tatutegeeza bikwata ku bintu bino mu Njiri ye.)

Amagye g'Abaruumi ge gaali gafuga Isiraeri Yesu ne Yokaana bwe baazaalibwa. Kayisaali Agusito, mu Buruumi, yasindika ekiragiro eri abajaasi be mu Isiraeri okuleetera Abayudaaya okuwandiika amannya gaabwe ku lukalala (Lukka 2:1).

Okukola kino Abayudaaya baalina okutindigga olugendo okuddayo mu kibuga ky'ewaabwe. Yayagala okubala okusobola okumanya Abayudaaya bameka abaali mu Isiraeri.

Omusajja eyali ayitibwa Yusufu yali ayogereza omuwala omuto ayitibwa Malyamu era ne batambula okugenda mu kibuga ky'ewaabwe ekye Besirekemu okuwandiika amannya gaabwe.

Malyamu yali lubuto. Kintu kibi omukazi atali mufumbo okuzaala omwana. Yusufu bwe yamanya nti Malyamu yali agenda kuzaala omwana, n'asalawo nti ekisinga bwe butawasa Malyamu (Matayo 1:19). Naye Katonda n'ayogera naye mu kirooto. N'alyoka ategeera nti olubuto luno kyaali ky'amagero kya Katonda. Yatwaala Malyamu nga yali-wa-kuba mukyala-we naye teyeegatta naye okutuusa nga Yesu amaze okuzaalibwa (1:25).

Bwe baali bali mu Besirekemu Yesu naazaalibwa. Yesu teyali mwana wa Yusufu. Yali Mwana wa Katonda, eyazaalibwa okuva mu nsigo eyassibwa mu Malyamu n'Omwoyo Omutukuvu wa Katonda (Matayo 1:18, 20). Katonda yakola kino bw'atyo Omwana We asobole okuzaalibwa nga talina kibi mu bulamu Bwe.

Enjiri ya Lukka nayo etutegeeza ku bikwata ku kuzaalibwa kwa Yokaana Omubatiza, emyezi mukaaga nga Yesu tannaba kuzaalibwa (Lukka 1:5-24; 57-66). Okuzaalibwa kwe nakwo kwaali ky'amagero kya Katonda (1:7, 13). Naye teyali mwana wa Katonda. Yali mwana wa Zakaliya. Makko atutegeeza byonna ebikwata ku nteekateeka ya Katonda ku lwa Yokaana (laba wansi).

Abasumba b'endiga mu kitundu baategezebwa wa gye bandisanze n'okusinza omwana omuwere Yesu (Lukka 2:12). Okwolesebwa okwa bamalayika okuva eri Katonda kwabategeeza ku kintu kino ekyaliwo eky'ekyewuunyo. Katonda yayagala abantu abangu, aba bulijjo, okumanya amawulire ag'okuzaalibwa kw'Omwana We.

Mu kiseera kino, Kerode yali afuga Isiraeri ku lwa Kayisaali. Kerode yali kabaka omukambwe, omubi ennyo. Lwaali lumu, abantu abakungu okuva e

Buvanjuba baagenda mu lubiri lwa Kerode. Tutera okubayita 'abasajja abagezi abasatu'.

Baali banoonya omwana omuwere eyaakazaalibwa Kabaka w'Abayudaaya mu Isiraeri. Baali bagoberedde emmunyeenye empya mu bbanga (Matayo 2:2).

Naye Yesu teyali mu lubiri lwa kabaka. Yali ludda wa? Kerode yabuuza abakulembeze bannaddiini okumutegeeza. Baasoma kiki nnabbi Mikka kye yayogera mu biwandiiko ebitukuvu nti Kristo yandizaaliddwa mu Besirekemu (Mikka 5:2). Eyo abasajja abagezigezi gye baasanga omwana omuwere Yesu. Abantu abagezi balina okusoma Baibuli zaabwe. Oluvannyuma bajja kuluYYamizibwa mu kkubo ettuufu. Kerode teyayagala Muyudaaya kufuuka kabaka mu kifo kye. Eyo ye nsonga lwaki yatta abaana abawere bonna mu Besirekemu (Matayo 2:16). Eky'ennaku, gaali mawulire okuva mu basajja abagezigezi agaaleetera kabaka omubi okukola kino.

Malyamu ne Yusufu baddukira mu Misiri ne Yesu (Matayo 2:13). Malayika wa Katonda yababuulira eky'okukola n'oluvannyuma n'abakulembera okuddayo e Nazaaleesi (2:22, 23). Kino kye kyaali ekibuga Yesu gye yabeera kumpi kumala myaka amakumi 30 egy'obulamu Bwe ku nsi. Abantu baalwooza nti yali mwana wa Yusufu, omubazzi.

Yesu yeeyongera mu magezi nga bwe yeeyongera okukula (Lukka 2:52) naye abantu bangi baali tebayinza kukkiriza nti Yali Mwana wa Katonda. Nga ebula akaseera katono afe, Yesu yagamba Pilaato, 'Esonga eyandeeta mu nsi kwaali kuyigiriza n'okulaga amazima' (Yokaana 18:37). Bamalayika baagamba nti Yesu yajja kuba Mulokozi, Kristo eyasuubizibwa oba Masiya (Lukka 2:11). Simyoni yagamba nti Yesu yajja kuleeta musana eri abatali Bayudaaya n'ekitiibwa eri Abayudaaya (2:32). Nnabbi Anna yagamba nti Yesu ye yali Omulokozi (Omununuzi) oyo buli omu yenna mu Yerusaalemi gwe yali alindirira (2:38). Kiki ky'okkiriza ekyali ekiruubirirwa kya Katonda bwe yatuma Yesu mu nsi?



YOGERA KU KINO:

1. Malayika wa Mukama yayogera eri kitaawe wa Yokaana (Lukka 1:13-20 ne nnyina Yesu mu (1:26-38) n'eri Yusufu (Matayo 1:20-25). Baayanukula batya eri ekyabagambibwa? Tuyinza tutya okuyiga okuva mu kino?
2. Ngeri ki abasajja abagezigezi okuva Ebuwanjuba gye baafuna okulungamizibwa ku bikwata ku Kabaka Yesu? Ngeri ki abasumba gye baamanya ku bikwata ku Yesu? Ngeri ki gye tuyinza okunoonya okulungamizibwa okuva eri Katonda mu bulamu bwaffe?
3. Kiki abantu bano wammanga kye baalwooza ku kuzaalibwa kwa Yesu: Malyamu, kabaka Kerode, abasajja abagezigezi okuva e Buvanjuba, abasumba mu Besirekemu, Simyoni ne Anna mu Yerusaalemi? Kiki ky'olwooza ku kuzaalibwa kwa Yesu? Okkiriza nti Yesu yali ani, era ky'ali kati, ne ky'aliba?

YOKAANA OMUBATIZA ATEEKATEEKA EKKUBO KU LWA YESU



Kaakano soma Makko 1:1-13

(Ne mu Matayo 3: 1-17 ne 4:1-11; Yokaana 1:19:34)

Mu nnyiriri 13 ezisooka tuisinkana abantu bonna abakulu mu Njiri ya Makko:

- a) Yokaana Omubatiza, eyabuulira mu ddungu (1:4).
- b) Yesu, Omwana wa Katonda, eyava mu ggulu (1:9).
- c) Katonda, Omwoyo Omutukuvu, eyakka ku Yesu (1:10).
- d) Katonda, Kitaffe, eyayogera okuva mu ggulu (1:11).
- e) Setaani, eyajja okukema Yesu (1:13).
- f) Bamalayika abaaweereza Yesu (1:13).

Yokaana Omubatiza yafaanana nga nnabbi wa Katonda. Yabeerawo era yayogera ng'omubaka okuva eri Katonda (1:6). Yatuukana bulungi nnyo n'ekifaanayi bannabbi Malaki ne Isaaya kye baawa emyaka 700 emabega. Baayogera ku nsonga y'okuwulira eddoboosi ly'omubaka ng'akoowoola, 'Muteeketeeke ekkubo lya Mukama!' (Malaki 3:1; Isaaya 40:3). Makko yakozesa ebigambo bya nnabbi okututegeeza Yokaana ye yali ani (Makko 1:2, 3).

Katonda yajjuza Yokaana n'Omwoyo We nga tannaba na kuzaalibwa, okukola omulimu guno (Lukka 1:13, 41). Yokaana yajja okugamba abantu 'Mulekere awo okukola ebintu ebikyamu era mubatizibwe' (Makko 1:4).

Abantu bwe baagamba nti baali beenenyezza ku lw'ebintu ebikyamu bye baali bakoze, Yokaana yababatiza. Yabassa mu mazzi munda n'abaggyamu nate. Kino kyalaga ensi nti baali beenenyezza. 'Okwenenya' kitegeeza nti twekubye mu kifuba ku lw'ebibi byaffe era nti twagala okukyuka okubivaamu n'okudda eri Katonda. Ebibi byaffe mulimu buli kintu ekikyamu kye tulowooza, kye twogera oba okukola era n'ebintu ebirungi bye twerabira okukola. Ekibi kitwawula okuva ku Katonda, oyo omulungi atuukiridde era omutukuvu era ataliiko kibi. Okukka munda mu mazzi ngeri ya kulaga nti Katonda anaazizza n'aggyawo obulamu bwaffe obukadde era tukola entandikwa ennyonjo, empya wamu naye.

Katonda yali asubizza okusumulula abantu ba Isiraeri okuva mu balabe baabwe n'okuddamu okubawa omukisa. Katonda yali asubizza okutuma Omulokozi oba Masiya. Bannabbi bangi mu Ndagaano Enkadde kino baakyogerako, naye waali tewabaddewo nnabbi wa njawulo okumala emyaka ebikumi 400 era abantu bangi baali baweddemu essubi. Awo Yokaana n'ajja! Yajja okutegeka ekkubo ku lwa Yesu, Masiya. Yokaana si ye yali Masiya. Yokaana yategeeza abantu ebikwaata ku Yesu – yagamba nti omuntu omukulu ennyo yali ajja (1:7, 8). Oluvannyuma lwa kino Yesu yasindikibwa Omwoyo wa Katonda okukemebwa Setaani (Matayo 4:3-9).



YOGERA KU KINO

1. Ngeri ki abantu gye baamanya nti Yokaana yali nnabbi (1:6)?
2. Kiki Yokaana kye yajja okukola?
3. Kiki Yokaana kye yayogera ku Yesu (1:7)?
4. Kiki Yokaana kye yabuuza abantu nga tannaba kubabatiza?
5. Kiki 'okwenenya' kye kutegeeza?
6. Abakristaayo bwe babatizibwa kireetera mikwano gyabwe okulowooza ku Katonda ne Yesu n'Amawulire Ge Amalungi: Kituufu oba Kikyamu?

YOKAANA ABATIZA YESU

Yesu yava e Galilaaya okujja ku Mugga Yoludaani era Yokaana n'amubatiza (Matayo 3:13). Yesu yali teyeetaaga kwenenya, kubanga teyalina kibi (Abaebbulaniya 4:15). Yokaana yabatiza Yesu kubanga kye kyaali ekintu ekituufu eky'okukola (Matayo 3:15). Ye yali entegeka ya Katonda era kyaali kituufu okusobola okulaga abalala. Yokaana yajja okutegeka ekkubo ku lw'omulimu gwa Yesu. Eno ye yali entegeka ya Katonda ku lwa Yokaana.

Yesu bwe yava mu mazzi, Yokaana yalaba obubonero obukulu busatu:

- a) Eggulu lyaali 'libikuddwa'.
- b) Omwoyo Omutukuvu yakka ku Yesu.
- c) Eddoboozi lyava mu Ggulu nga ligamba, 'Ono ye Mwana wange omwagalwa... gwe nsanyukira ennyo'.

Yokaana yagamba oluvannyuma: 'Nnalaba Omwoyo ng'akka okuva mu ggulu. Ye

(Omwoyo Omutukuvu) yamukkako (Yesu) nga ejjiba. Yasigala ku Ye. Nze kennyini saamanya Ye (Yesu) ye

yali ani. Naye Ye (Kitaffe) eyantuma okubatiza abantu mu mazzi ye yangamba.

Yagamba, "Ojja kulaba Omwoyo ng'ava mu ggulu okukka ku musajja. Omusajja oyo alibatiza abantu mu Mwoyo Omutukuvu." Nnalaba Omwoyo ng'awummulira ku Ye, era mbagambye. Omusajja ono ye Mwana wa Katonda.' (Yokaana 1:32-34).



YOGERA KU KINO

1. Yokaana yamanya Yesu kye yali (Yokaana 1:32-34)?
2. Lwaki Yesu yasaba Yokaana okumubatiza mu mugga?
3. Kiki Katonda Kitaffe kye yayogera ku Mwana We, Yesu?
4. Bannabbi ki abaayogera ku Masiya, nga ye Kristo (Eky'Amateeka 18:18; Isaaya 7:14)?

AMAWULIRE AMALUNGI AGAKWATA KU YESU KRISTO



Kaakano soma Makko 1:14-20

(Nate mu Matayo 4:12-22; Lukka 4:14, 15 ne 5:2-11)

Yokaana Omubatiza yakoowoola abantu okwenenya n'okukkiriza mu Yesu Masiya (Kristo). Twenanya bwe tuba nga twennyamidde ku lw'ebibi byaffe era ne tukyuka okubivaamu. Yokaana yagamba Kabaka Kerode nti kyaali kikyamu gy'ali okuwasa muka muganda we, bw'atyo Kerode n'asiba Yokaana mu kkomera. Oluvannyuma yatta Yokaana.

Naye Setaani tawuniikiriza Katonda era tewali kintu kyonna ekitutuukako olw'obutanwa. Katonda amanyi buli kintu era alina amaanyi gonna. Y'afuga buli kintu ekibeerawo (Isaaya 46:9-10).

Okumala emyaka bikumi na bikumi, abantu Abayudaaya baali banoonyezza Masiya. Baayagala omukulembeze eyandibasumuludde okuva mu maanyi g'abalabe baabwe, Abaruumi. Naye Katonda yayagala okusooka badde gy'ali okuva mu makubo gaabwe amabi. Abantu abalungi bangi baali battiddwa nga bagezaako okulokola Abayudaaya okuva mu makubo gaabwe amabi n'okuva mu makubo amabi ag'abantu abalala. Bannabbi Abayudaaya baategeeza ku Oyo eyandizze era eyandibalokodde. Omuntu ono oba 'Omulokozi' (Masiya) yandizze okulokola abantu bonna – Abayudaaya n'abatali-Bayudaaya.

Omuntu ono yanditukomezzaawo buli kintu kye twafiirwa Adamu bwe yasooka okwonoona (Olubereberye 3:17-19; Eky'Amateeka 18:15; Isaaya 42:1; 49:6; Abaggalatiya 3:16). Omuntu ono yali Yesu. Yesu yabagamba nti Obwakabaka bwa Katonda bwaali busembedde. Bwandibadde ekifo ekimu mu mitima gy'abantu mw'abalokolera n'okubafugiramu.



YOGERA KU KINO:

1. Mawulire ki Amalungi Yesu ge yategeeza abantu (Makko 1:14, 15; Yokaana 17:3)?
2. Ngeri ki Setaani gye yagezaako okwonoona entegeka ya Katonda?
3. Lwaki abantu balina okwenenya (1:15)?
4. Nate era – kiki 'okwenenya' kye kutegeeza?



Amannya Makko ge yawa Yesu

Yesu Kristo (1:1)
Omwana wa Katonda (1:1 ne 3:11)
Yesu owe Nazaaleesi (1:24)
Omutukuvu wa Katonda (1:24)
Mukama (1:3 ne 7:28)

Omwana w'Omuntu (2:28 ne 8:31)
Mukama wa Ssabbiiti (2:28)
Omwana w'Oyo ali Waggulu Ennyo (5:7)
Omubazzi (6:3)
Omwana wa Malyamu (6:3)
Kristo (Masiya) (8:29)

YESU AYITA ABASAJJA ABAKOLA OKUMUGOBERERA

Yesu yatambulira ku lubalama lw'Ennyanja ey'e Galilaaya. Yalaba ab'oluganda babiri, Simooni ne Ndereya, nga bakasuka akatimba k'ebyennyanja mu nnyanja (1:16). Yesu yabakoowoola, 'Mujje mungoberere!' Yayagala okubayigiriza ku bikwata ku bwakabaka bwa Katonda.

Kigenderere nti Yesu yakoowoola abasajja abakola aba bulijjo okumugoberera.

Mangu ddala ne balekera awo okuvuba ne bagoberera Yesu. Yawa abavubi bano ekisuubizo, 'Nja kubaleetera okuvuba abantu' – si byannyanja (1:17).

Ndereya yali omu ku bayigirizwa ba Yokaana. Yaleka Yokaana n'agoberera Yesu. Awo Ndereya n'addayo eri muganda we n'amugamba, 'Tulabye Masiya' (Yokaana 1:40, 41).



Oluvannyuma Simooni n'akkiriza mu Yesu Kristo, Masiya, n'afuuka omu ku bayigirizwa ba Yesu. Oluvannyumako, Yesu n'agamba Simooni, 'Erinnya lyo onooyitibwanga Keefa'. Litegeeza kye kimu nga 'Peetero' mu lulimi Oluyonaani era litegeeza 'olwazi' (Yokaana 1:42). Ono yali Peetero y'omu eyayigiriza Makko buli kintu kye yamanya ku bikwata ku Yesu.

Yesu kaakano yali mwetegefu okuyigiriza abayigirizwa Be n'okutegeeza abantu abalala ku bikwata ku bwakabaka bwa Katonda n'obutukuvu Bwe.

YESU ATANDIKA OKUBUULIRA N'OKUWONYA



Kaakano soma Makko 1:21-28 – (Nate mu Lukka 4:31-37)

Yesu yagenda mu kkunganiro (ennyumba y'okusisinkaniramu ey'abannaddiini Abayudaaya) mu Kaperunawumu n'ayigiriza abantu (1:21). Baawuniikirira olw'okuyigiriza Kwe. Abakulembeze baabwe baabasomeranga amateeka ga Musa buli lunaku lwa Ssabbiiti naye Yesu yayogera ku Bwakabaka bwa Katonda n'obuyinza obw'ekitalo, 'nga eyalina obuyinza okubayigiriza' (1:22). Mwaalimu amaanyi mu bigambo bye.

Yagamba nti Obwakabaka bwa Katonda bwaali busembedde era nti baali bayinza okunyumirwa emikisa gya Katonda.

Ebigambo bya Yesu byalina amaanyi mangi nnyo mu byo nti byaleetera omusajja omu okuleekaanira waggulu, 'Otwagaza ki, Yesu Omunaazaaleesi? Ozze kutuzikiriza? Omusajja n'alyoka aleekaana, 'Mmanyi kiki ky'oli – Gwe Mutukuvu wa Katonda' (1:24).

Yalina omwoyo omubi mu ye, ogwamuleetera okwogerera mu kutya bw'ati. Yesu yamanya nti omusajja oyo si ye yali awoggana, naye gwaali mwoyo mubi ogwaali munda mu musajja ono. 'Sirika! Muveemu!' Yesu bwe yagamba omuzimu. Awo dayimooni n'akankanya omusajja era n'agenda. Abantu baawuniikirira. 'Alagira emyoyo emibi kiki eky'okukola nacyo ne gimugondera,' bwe baagamba (1:27).

Kigenderere nti Yesu 'teyakkiriza dayimooni kwogera kubanga baamanya kiki kye yali' (1:25,34). Yesu teyakkiriza Setaani, omukulu wa badayimooni, okwogera kiki kye yali. Naye ebbanga teryayitawo ggwanvu

buli muntu okutuuka okumanya okuyigiriza kwa Yesu era nti emyoyo emibi gyamugondera (1:27,28).

YOGERA KU KINO:

1. Yesu yayagala abantu abagezi bokka okubeera abayigirizwa Be: kino kituufu oba kikyamu?
2. Lwaki abantu beewuunya okuyigiriza kwa Yesu?
3. Ngeri ki emyoyo gino emibi gye gyamanya Yesu?

PEETERO ATWAALA YESU MU MAKAGE



Kaakano soma Makko 1:29-45 – (Nate era mu Lukka 4:38-44)

Kaperunawumu kaali kabuga ku ludda olw'obukiika obwa kkono olw'Ennyanja ey'e Galilaaya. Yesu n'abeera eyo, mu nnyumba ya Simooni Peetero. Nnyina wa muka Simooni yali mulwadde bw'atyo Yesu n'agenda gy'ali, n'akwata omukono gwe n'amuyamba okugolokoka. Omusujja gwe ne gumuvaako amangu ago era n'atandika okubaweereza (1:31). Yesu yalina amaanyi ga Katonda wamu naye okukola eby'amagero. Yawonya abalwadde.

Olunaku olwo we lwaggwerako abantu bonna mu kibuga beenyigiriza ku mulyango. Baaleeta abantu abalwadde n'abo abaalina badayimooni eri Yesu. Yesu n'awonya bonna.



Ekkunganiro ly'Ekiyudaaya

Mu kkunganiro Abayudaaya:

1. baasinza n'okusaba eri Katonda;
2. baasoma n'okuyigiriza Ebyawandiikibwa eby'Olwebbulaniya (Endagaano yaffe Enkadde) buli lunaku;
3. baalinamu essomero ly'abalenzi;
4. baasisinkana abakulembeze b'eddiini abaali bayitibwa Abawandiisi n'Abafalisaayo;
5. baayiga Amateeka ga Katonda ge yawa Musa; baawuliriza okuyigiriza, okwo mmemba yenna eyali omugezi era omuyivu ow'omu kibiina kwe yali ayinza okubuulira.

Enkeera Simooni Peetero n'akoowoola abalala ne bagenda okunoonya Yesu. Yagolokokanga emirundi mingi nga enzikiza ekyakutte n'agenda mu kifo ekyekusifu okusobola okusaba (1:35). Yasaba eriKitaawe mu Ggulu. Okusaba kwamukuumira mu maanyi n'okwagala kwa Katonda, Kitaawe.

Peetero yasanga Yesu n'amugamba, 'Buli muntu Akunoonya!'

Yesu n'ayanukula, 'Tugende mu byaalo ebituliraanye.' Bwe batyo ne batambula okuyita mu kitundu ekya ekya Galilaaya era Yesu n'ayogerera mu makunganiro gaabwe. Era yaleetera emyoyo emibi okuva mu bantu (1:39)

YESU AWONYA OMUSAJJA EYALINA EKIGENGE

Omusajja eyali omulwadde n'ekigenge (endwadde y'olususu embi) yajja gy'Ali. Yafukamira wansi ne yeegayirira Yesu amuyambe. (Abantu abaalina ebigenge baalinanga okubeera ewala n'ebibuga n'ebyaalo.) Yagamba, 'Mmanyi nti oyinza okumponya bw'oba ng'oyagadde.' Yesu yamusaasira nnyo. N'agolola omukono gwe n'amukwatako. Yagamba, 'Njagala. Wonyezebwa.' Oluvannyuma lw'ekyo, yali asobola okuddayo eri abantu ab'omu nnyumba ye. Yali talina kuddamu kubeeranga yekka nate n'okuleekaana, 'Ssiri mulongoofu! Ssiri mulongoofu!'

Nate era Yesu yagezaako okuziyiza omuntu awonyezeddwa obutategeeza balala (1:44). Naye omusajja n'ategeeza buli omu gwe yasisinkana. Ebbanga nga terinnaba kuyitawo ggwanvu kyaali kizibu eri Yesu okugenda mu buli kifo olw'ebibiina by'abantu (1:45).

YOGERA KU KINO

1. Yesu bwe yawonya omusajja eyalina ekigenge, LWAKI YAGAMBA, 'Tobuulirako muntu yenna?'
2. Lwaki omusajja eyawonyezebwa yalina okweraga eri kabona?
3. Zuula ebifo ebirala mu lugero lwa Makko Yesu we yasabira ku matulutulu g'olunaku.
4. Kiki Yesu kye yagamba Simooni Peetero (Yokaana 1:42)?
5. Ngeri ki abayigirizwa Be gye bandivubyemu abantu?



Kaakano soma Makko 2:1-12. – (Ne mu Lukka 5:18-26)

YESU AWONYA OMUSAJJA EYALI TASOBOLA KUTAMBULA


Yesu yaddayo mu nnyumba ya Simooni Peetero. Abantu bangi baawulira nti yali ali eyo ne bajjuza ennyumba okutuusa nga tewakyali kifo kyonna (2:2). Yesu yababuulira Ekigambo kya Katonda. Ekigambo kya Katonda ge Mawulire Amalungi (Enjiri) ag'okwagala kwa Katonda okulagibwa mu Yesu (Ebikolwa 8:4).

Amayumba mu Isiraeri gaateranga okuzimbibwa n'amayinja amanene era

gaalina obusolya obuseetevu obwakolebwanga mu ttaka, akadongo akakalu oba ebbumba. Wali oyzina okubutambulirako. Ebimu ku bizimbe byalina obusolya obwangu ennyo obwakolebwa mu mbaawo n'amatabi oba amategula.

Abasajja bana beetikka mukwano gwabwe, eyali tasobola kutambula, mu maka Yesu mwe yali ayigiririza. Baali tebayinza kuyingira munda, bwe batyo ne balinnya ne basitula akasolya. Ne balyoka bassa wansi mukwano gwabwe omulwadde ng'ali ku kitanda kye, ne bamussa butereevu ku bigere bya Yesu.

Okukkiriza mu Katonda bulijjo kuleetera abantu okukola ebintu eby'obuzira. Abantu abalina okukkiriza bakola ebintu eby'amaanyi kubanga beesiga mu Katonda omukulu. Yesu yalaba okukkiriza kwabwe n'agamba omusajja omulwadde, 'Mutabani, ebintu ebibi by'okoze bikusonyiyiddwa (2:5). (Eno engeri y'okwogera yali ya kisa – mu butuufu teyali mutabani wa Yesu.)



Abafalisaayo abamu n'abayigiriza b'Amateeka ga Musa baawulira Yesu kye yayogera. Abafalisaayo baali bayigiriza Abayudaaya emirundi mingi abaakolanga amateeka g'eddiini nga oggyeeko ago Katonda ge yawa. Ne beemulugunya, 'Ani ayinza okusonyiwa ebintu ebibi abantu bye bakola? Katonda yekka y'ayinza okukola ekyo (2:7). Ono avvoola.' Okuvvoola kitegeeza okwogera nga okontana ne Katonda (Zabbuli 74:18; Isaaya 52:5; Abaruumi 2:24). Mu biseera by'Endagaano Enkadde, abafuzi Abayudaaya baakubanga amayinga ne batta abantu abavvoolanga (Eky'Abaleevi 24:11-14).

Yesu yamanya kye baali balowooza, 'Kiki ekisinga obwangu okwogera,' bwe yabuuza, 'Ebibi byo bisoniyiddwa,' oba 'Golokoka, situla ekitanda kyo otambule?' Yayogera kino okulaga nti Ye yali Mwana wa Katonda, eyalina amaanyi ku nsi okusonyiwa ebibi n'okuwonya (2:9, 10). N'alyoka awonya omusajja oyo.

Buli omu yalaba omusajja nga agolokoka era nga agenda eka ne batendereza Katonda nga bagamba, 'Tetulabanga ku kintu bwe kiti bukyanga tubaawo!' (2:12).

YESU AFUNA EMIKWANO N'ABOONOONYI



Kaakano soma Makko 2:13-17. – (Ne mu Lukka 5:27-32)

Yesu n'alyoka afuluma n'ayogera n'ekibiina ku mabbali g'ennyanya. Yayagala abasajja abandirese buli kintu ne bamugoberera. Ku lunaku yasanga Leevi, omuwooza, era eyali ayitibwa Matayo. Abawooza baikolera Gavumenti y'Abaruumi era abantu tebaabaagala kubanga tebaali beesimbu. Baakunganyanga emisolo okuva ku Bayudaaya ne babawoozaako ssente ezisusse obungi. Abayudaaya baabayitanga boonoonyi. Leevi yaleka omulimu gwe ogw'okusolooza emisolo n'agoberera Yesu (2:14).

Leevi yayaniriza Yesu n'abayigirizwa abalala okuliira mu nnyumba ye. Abayigiriza b'Amateeka Abayudaaya abamu abaali Abafalisaayo baaliyo. 'Lwaki Ye (Yesu) alya n'abasolooza b'emisolo n'aboonoonyi?' bwe baabuuza. Yesu n'abagamba, 'Abalamu si be beetaaga omusawo. Abalwadde be beetaaga omusawo. Sajja kuyita bantu balungi, najja kuyita boonoonyi' (2:17). Yesu yayagala okuyamba abantu abaali beetaaga obuyambi obusinga obungi. Abantu bano baayaniriza Yesu naye abamu ku bakulembeze bannaddiini baali tebaagala kugoberera Yesu. Abakulembeze, ng'omuntu omulala yenna, baali banoonya Masiya naye baali tebaagala Yesu.



YOGERA KU KINO

1. Yesu ye Yekka ayinza okusonyiwa ebibi nga Katonda?
2. Lwaki Yesu yagamba, 'Abalamu si be beetaaga omusawo'?
3. Lwaki abakulembeze bannaddiini Abayudaaya tebaasanyuka Yesu bwe yalya ekijjulo n'abantu ababi?
4. Lwaki abantu ababi bajja eri Yesu?

YESU ALAGA ENGERI ESINGA OBULUNGI EY'OKUKOLA EBINTU



Kaakano soma Makko 2:18-22 – (Ne mu Lukka 5:33-38)

Abafalisaayo baaloozooza nti be bokka abaali abantu abalungi. Baasiiba, kwe kugamba, batwalangako ekiseera nga tebalidde mmere, era baagezaako okugondera Amateeka ga Katonda gona. Katonda yagamba nti abantu bonna baali boonoonyi. 'Teri n'omu akola ebirungi, tewali n'omu...' (Zabbuli 53:3).

Abayigirizwa ba Yokaana baali basiiba. Abantu baasiiba olw'ensonga nnyingi:

- a) okulaga ennyiike omuntu omu ng'afudde (Zabbuli 35:13),
- b) okwongera okuloozooza ku Katonda n'okumusinzza (Nekkemiya 1:4)
- c) okukuuma amateeka agakwata ku nnaku entukuvu ez'enjawulo nga Olunaku lw'Ekiyudaaya olw'okutangirira.

d) okwongera okutwala obudde mu kusaba ku lw'ekintu ekikulu oba ekinene.

Yesu yayogera ku mbaga y'obugole ey'Ekiyudaaya. Abagole Abayudaaya abakazi n'abasajja baggulawo amayumba gaabwe abagenyi basobole okuyingira. Abagenyi baakyaala, baalya bulungi era baali basanyukira omugole omusajja n'omukazi. Yagamba nti eno y'engeri gye kyandibadde nga Ye, Omugole Omusajja, ali wamu nabo. Yandibadde nabo okumala ekiseera kitono ddala era bandibadde basanyufu. Oluvannyuma yandittiddwa era bandifunye ennaku. Era ekyo kye kyaali ekiseera kye bandisoboleddemu okusiiba. (2:20). Yesu yajja okubalaga engeri esinga obulungi, naye okutabula ebirowoozo ebipya n'ebirowoozo ebikadde tekikola bulungi nnyo (2:21,22). Yayagala abantu okuva ku makubo gaabwe ag'edda n'okumugoberera.

YESU AWONYA OMUNTU KU LUNAKU LWA SSABBIITI



Kaakano soma Makko 2:23-28; 3:1-6 – (Ne mu Lukka 6:1-11)

Abafalisaayo baali banyivu era Yesu yamanya nti baali baagala kumutta (3:6). Baakaayana naye ku bikwata ku biki bye baali tebakkirizibwa kukola ku lunaku lwa Mukama olwa Ssabbiiti era baanoonya engeri y'okumulumbagana mu bigambo Bye.



OLUNAKU LWA SSABBIITI

'Ssabbiiti' kitegeeza kuwummula, okulekera awo okukola. Katonda yagamba Adamu engeri gye yakolamu eggulu n'ensi mu nnaku mukaaga ez'okukola. Ku lunaku olw'omusanvu Katonda n'agamba nti 'Yawummula okuva mu mirimu gye'. Yayita olunaku olw'omusanvu olunaku olwa Ssabbiiti (Olubereberye 2:3). Oluvannyuma, Katonda yawa Musa amateeka Ge. Mu Mateeka ga Katonda, olunaku lwa Ssabbiiti lwafuulibwa olunaku olutukuvu (Okuva 20:8-11). Ku lunaku lwa Ssabbiiti, abasajja n'abakazi baawummula okuva mu mirimu gyabwe okusobola okusinza Omutonzi waabwe. Ssabbiiti lwe lwaali olunaku olusembayo oba olw'omusanvu mu wiiki. Lwatandikanga ng'enjuba egudde ku lw'Okutaano. Eky'ennaku, Abafalisaayo baagattako amateeka gaabwe bo ku lwa Ssabbiiti. Baalwoozza nnyo ku ky'okukuuma amateeka ga Ssabbiiti yaabwe okusinga bwe baalwoozza ku ky'okusinza Katonda.

Abakristaayo abaasooka baasooka okusisinkana ku lw'okusinza ku lunaku lwa Ssabbiiti. Oluvannyumako, baasisinkana ku lw'okusinza ku lunaku olusooka olwa wiiki, Sunday. Sunday ne lulyooka lufuuka olunaku olw'okuwummulirako n'okusinza ku lw'ekitundu ekisinga obunene eky'Ekkansa Y'Abakristaayo. Abakkiriza abamu bakyakuuma olunaku lw'Omukaaga (Saturday) nga Ssabbiiti, ng'Abayudaaya. Lwaki tetufuula Yesu Mukama wa buli lunaku? Jjuza buli lunaku n'okusinza era buli lunaku lunaabeera Ssabbiiti gy'oli! Buli lunaku lunaabeera lunaku lwa kuwummulira mu Katonda gy'oli, newakubadde oteekwa okukola emirimu gyo egya buli lunaku.

Yesu yawonya omusajja eyalina omukono ogwali tegukola. Yaguleetera okukola nate. Yesu yawonya omusajja oyo ku lunaku lwa Ssabbiiti. Yesu yamanya Abafalisaayo kye baali balowooza bw'atyo n'abuuza, 'Kiki Etteeka kye litugamba kye tulina okukola ku lunaku lwa Ssabbiiti? Bulungi oba bubu?' (3:4).

Emabegako baagamba nti abayigirizwa ba Yesu baali tebakkirizibwa kunoga n'okulya ebirimba ku Ssabbiiti (2:23, 24). Yesu n'anyiigira Abafalisaayo naye era n'abanakuwalirako kubanga emitima gyabwe gyaali mikakanyavu (3:5). Abafalisaayo tebaayogera kigambo kyonna ku bigambo bino naye ne bagenda okutegeka engeri gye banaamutta (3:6).

Yesu yali wa kisa eri omusajja eyalina omukono omugongobavu naye n'asaasira abakulembeze bannaddiini kubanga baalina emitima-emikakanyavu.

Genderera olunyiriri olwa 28: Yesu bwe yayogera ku Mwana w'Omuntu, yategeeza Ye Yennyini. Yesu ye Mukama wa byonna.

YESU ALONDA ABASAJJA KKUMI NA BABIRI



Kaakano soma Makko 3:7-19

Yesu yagenda mu nnyumba okumpi n'Ennyanja. Abantu abasusse obungi baava mu buli kanyomero okumuwaliriza. Abantu baali basindika n'okunyigiriza Yesu bw'atyo kwe kuyimirira mu lyato ku nnyanja n'abayigiriza. Oluvannyuma, yagenda mu nsozi.

Ku makya, yayita abagoberezi Be n'alonda abayigirizwa ab'enjawulo kkumi na babiri:

- a) bo okubeera naye
- b) okubayigiriza
- c) okubatuma okubuulira
- d) okubawa amaanyi Ge okuwonya abantu n'okugoba badayimooni (3:15).

Okumala emyaka esatu, Yesu yayigiriza abayigirizwa ekkumi n'ababiri oba abatume okuba ababaka ba Katonda.



YOGERA KU KINO

1. Kikyamu okunoga ebirimba ku Ssabbiiti?
2. Lwaki abantu baasiiba?
3. Bintu bya ngeri ki bye tulina okukola ku Ssabbiiti?
4. Kiki Yesu kye yategeeza bwe yagamba, 'Olunaku lwa Ssabbiiti lwakolebwa ku lwa muntu' (2:27)?
5. Njawulo ki eyaliwo wakati w'okuyigiriza kwa Yesu n'okuyigiriza kw'abakulembeze bannaddiini?
6. Ngeri ki abantu gye bayinza okuyiga okuba ababaka ba Katonda?

YESU AYIGIRIZA KU BIKWATA KU MAANYI GA KATONDA KU SETAANI



Kaakano soma Makko 3:20-30 – (Ne mu Lukka 11:14-23)

Yesu yali abadde agoba badayimooni okuva mu bantu (1:39), n'Abafalisaayo baakyogerako. 'Agoba badayimooni', bwe baayogera 'olw'amaanyi g'omukulu wa badayimooni (setaani)' (3:22).

Yesu n'ababuuzza, 'Setaani ayinza atya okugoba Setaani?' Kino tekyakola makulu era Yesu yakozesa ebifaananyi bisatu okulaga kino:

- a) obwakabaka bw'abantu abalwanagana bokka na bokka;
- b) ennyumba oba famire y'abantu abalwanagana bokka na bokka;
- c) Setaani nga yeerwanyisa yekka.

Waliwo obwakabaka bw'omwoyo bwa mirundi ebiri mu nsi muno:

Obwakabaka bwa Katonda obw'okwagala n'omusana, n'obwakabaka bwa Setaani obw'ekizikiza n'obubi. Badayimooni ba Setaani bakyawa amazima era balumba abaddu ba Katonda. Eno y'ensonga lwaki Yesu yayigiriza abagoberezi Be okusaba: 'Tulokole okuva mu bubu' (Matayo 6:13).

Naye mu Bwakabaka bwa Katonda obubi buwangulwa n'ebibi bisonyiyibwa (3:28). Naye tewali n'omu ayinza okusonyiyibwa bwe bavvoola Omwoyo Omutukuvu wa Katonda (3:29). Setaani ye 'musajja ow'amaanyi' mu lugero lwa Yesu (3:27). Asibira abantu mu bibi byabwe. Yesu yajja n'afa okusiba omusajja ow'amaanyi n'okusumulula abasibe be.

Yesu yajja okusumulula abantu okuva mu bibi byabwe (Abaggalatiya 3:22). Era yajja okusumulula abantu okuva mu mateeka agakoledwa-abantu ag'Abafalisaayo (Abaggalatiya 3:23).



Abayigirizwa ba Yesu ekkumi N'ababiri (Makko 3:13-19)

Simooni okuva e Besesuda, omuvubi. Yesu yamuwa erinnya **Peetero** (olwazi)

Yakobo, mutabani wa Zubedi, ayitibwa '**Yakobo omukadde**' ne

Yokaana, muganda we

Ndereya, muganda wa Peetero (Yokaana 1:40).

Firipo eyagenda n'asanga

Nassanayiri, era ayitibwa

Battulumaayo (Yokaana 1:43).

Tomasi (Yokaana 11:16; 14:5).

Yakobo, mutabani wa Alufaayo, oba '**Yakobo omuto**' (Makko 15:40).

Matayo, omuwooza w'omusolo (Leevi, Matayo 10:2).

Yuda.

Simooni eyayitibwa **Zerote** (Lukka 6:15)

Yuda Isukaliyoti (omusajja ow'e Keriyosi oluvannyuma eyalya mu Yesu olukwe).

YESU NE NNYINA NE BAGANDA BE



Kaakano soma Makko 3:31-35

Okusooka bwe tusoma ebyawandiikibwa bino, tuba n'ekirowoozo nti Yesu yali tayagala kulaba nnyina ne baganda Be.

Naye kitegeerekeka bulungi okuva mu lunyiriri olw'emabegako (3:21) nti baali bazze kumutwala. Baali beeraliikirivu ku lw'ebintu abantu bye baali boogera eka mu Nazaaleesi – abantu be baali bamanyi (mikwano gyabwe era baliraanwa baabwe) baaloozo nti Yesu yali mulalu.

Bwe kityo, mu butagolokoka kulaba ba mu nnyumba Ye, Yesu mu butuufu yakakasa nti tebandiziyizza kwagala kwa Katonda. Alaga okusaasira ku lwabwe kubanga tayagala bo kukontana na kwagala kwa Katonda. Mu kifo ky'ekyo, Yesu yasigala n'abantu abaali batuukiriza entegeka ya Katonda ku Lulwe – ebibiina abaayagala Ye okubayigiriza n'okubawonya. Yagamba nti baali nga maama We ne baganda Be ne bannyina ng'omuntu omulala yenna. 'Oyo yenna agondera Katonda ye muganda Wange, mwannyinaze ne maama Wange (3:35).

Tekigamba nti Yesu yakyukira ddala okuva ku maama We yennyini ne baganda Be. Singa yafuluma ebweru okubalaba, wewaawo, yandibadde alina okubalabula nti baali bajeemera okwagala kwa Katonda n'ekiruubirirwa Kye nga bagezaako okumutwaala. Bw'atyo oba oli awo yasigala awo we yali. Yasalawo okusigala n'abo abaali bakola okwagala kwa Katonda. Yakola ekintu ekisinga okuba eky'ekisa era ekintu ekituufu eri ab'omu nyumba Ye.

Oluusi, abantu ab'omu nyumba abasinga okuba okumpi naffe bayinza okukifuula ekizibu ku lwaffe okukola Katonda ky'ayagala tukole. Tetuteekwa bulijjo okwesiga okufaayo kwabwe okw'okwagala. Naye tulina okwesiga nti Katonda ajja kukola ku buli mbeera nga ffe tetufunye mitawaana minene bwe tukola okusalawo okw'enjawulo okukwatagana ne famire.



YOGERA KU KINO:

1. Ngeri ki Yesu gye yalaga okwagala ku lwa nnyina n'ab'omu nnyumba Ye?
2. Bwe tuba tulina okusalawo kw'omu nnyumba okunene kwe tulina okukola ani gwe tulina okuloozoako okusooka?
3. Abagoberezi ba Yesu kitundu ekya famire ey'ensi yonna (Makko 3:34-35). Kiki kino kye kiraga abantu b'ensi?



EBIBUZO KU MAKKO ESSUULA 1 OKUTUUKA KU 3

(Eby'okuddamu biri ku muko gwa 39)

A. Londako eky'okuddamu ekisingako obutuufu oba ebigambo ebisinga okuba ebirungi okumaliriza embooji.

1. Edda ennyo bannabbi baawandiika ku mubaka okuva eri Katonda. Yali ...
 - a) Yesu.
 - b) Yokaana Omubatiza.
 - c) Peetero
2. Ani yagamba, 'Ggwe Mwana Wange omwagalwa'?
 - a) Katonda ng'agamba Yesu
 - b) Yokaana ng'agamba Yesu
 - c) Yesu ng'agamba Yokaana
3. Yesu yayigiriza abantu ...
 - a) mu ngeri y'emu nga abawandiisi bwe baakola.
 - b) ng'akozesa engero z'abaana abato.
 - c) ng'akozesa engero ezaalina amakulu ameekusifu.
4. Lwaki abasajja abana baakola ekituli mu kasolya?
 - a) Okussa wansi omusajja omulwadde mu maaso ga Yesu.
 - b) Okulaba ekibiina.
 - c) Okuketta Yesu
5. Yesu yalya n'abawooza b'emisolo n'aboonoonyi kubanga ...
 - a) Yayagala okunyiiza Abafalisaayo.
 - b) Enjala yali emuluma.
 - c) Yayagala okulaga nti Katonda yali abafaako.
6. Abafalisaayo baatunuulira Yesu ...
 - a) basobole okuyiga engeri y'okuwonya abalwadde.
 - b) basobole okufuna ekintu kyonna ekikyamu ekyamuliko.
 - c) kubanga yayigiriza bulungi
7. Yesu yalonda abayigirizwa Be ...
 - a) nga ayita abakozi okumugoberera.
 - b) nga alonda abakulembeze bannaddiini
 - c) nga akkiriza omuntu yenna eyamusaba.

B. Mbooji ki Entuufu (KT) ate ziruwa ezitali ntuufu oba Enkyamu (KK)?

1. Yesu yabatiza Yokaana. KT / KK
2. Yesu yawonya maama wa Simooni. KT / KK
3. Yesu teyayagala buli muntu kuwulira Mawulire Malungi. KT / KK
4. Yesu asonyiwa ebibi. KT / KK
5. Abayigirizwa ba Yesu baasiiba wamu naye. KT / KK
6. Katonda ajja kusonyiwa abantu aboogera ebintu ebibi ku Mwoyo Mutukuvu. KT / KK

OLUGERO OLW'OMULIMI N'ENSIGO



Kaakano soma Makko 4:1-25 – (Ne mu Lukka 8:4-15)

Yesu yalinnya eryato erimu n'ayigiriza abantu. Ku nnaku enzikkamu, abantu baali basobola okuwulira bulungi eddoozi ly'omuntu ng'ali wala ku mazzi.

Mu lugero luno, omulimi asiga ensigo ali ng'omuntu abuulira enjiri. Ensigo eri nga amazima g'obubaka bwa Katonda – Amawulire Amalungi. Oyo agibuulira, 'agisiga' mu nsi. Ye musizi oba mujulirwa. Omujulirwa ye muntu abuulira ekyo ky'amanyi oba ky'alabye.

Omulimi yatwalira ensigo ze mu nsawo. Yakasuka ensigo wala nnyo nga bwe yasobola (4:4). Ebigambo bya Yesu byaali ng'ensigo. Emitima egyaali gyegudde gye gyandifunye amazima nga ettaka eddungi bwe lifuna ensigo. Emitima egyaali emikakanyavu tegyandifunye nsigo.

1. Emitima egimu mikakanyavu nga ekkubo. Tegiyinza kuyingiza Mawulire Malungi aga Yesu Kristo. Ettaka kkalubo era tewali kintu nsigo mwe zinaakulira.
2. Ebifo by'olwaziyazi bitegeeza emitima emyangu okufuna obubaka bwa Katonda naye giwanika mangu emitawaana bwe gijja. Ensigo ekula mangu mu kisiikirize ky'ebyaziyazi. Naye waliwo ettaka ttono nnyo ku lw'ensigo okukuliramu. Enjuba bw'eba nga eyokya nnyo, ebimera bikula ne bifa.
3. Ensigo omulimi z'asiga mu maggwa zoogera ku bulamu obujjudde ebintu ebirala. Abalabe abasatu ab'emmeeme batuweereddwa wano. Bano bazikiriza ebimera ebigonvu, ebiggya eby'okukkiriza (Matayo 19:22):
 - a) okunoonya ebintu ebisusse obungi eby'ensi eno.
 - b) okwagala ssente.
 - c) okunoonya amasanyu n'okuyitamu (1 Yokaana 2:16).
4. Ensigo esigibwa ku ttaka eddungi eri nga amazima ago omutima omuggule gye gufunu. Ettaka ddungi era gwanvu era litegekeddwa bulungi ku lw'ensigo. Ekula n'evaamu ekimera. Ekimera kwe kukkiriza okw'amazima n'emirimu emingi egikugoberera.

Tusiga ensigo bwe tutegeeza abantu abalala amazima ga Katonda oba bwe tubawa Baibuli okusoma. Abantu abamu tebjja kuwuliriza. Abantu abamu bajja kuwuliriza balemwe okutegeera. Abamu bajja kuba bangu okugoberera Yesu naye bagenda kumalibwamu mangu amaanyi – bagenda kubivaako mangu olw'okukkiriza kwabwe okunafu. Bangi bajja kugoberera n'essanyu 'ekkubo eppya' erya Yesu, oluvannyuma bave mu kkubo lyabwe kubanga baagala okugezesa ebintu ebipya ebirala awamu n'ebirowoozo ebirala.

Yesu yalabula abantu singa tebaategeera lugero luno, olwo nno tebanditegedde ngero ndala (Makko 4:13). Naye abantu abo abawulira ne bategeera ebintu bino, bajja kubeerawo mu bulamu obubala ebibala mu Bwakabaka bwa Katonda (olunyiriri olwa 20). Olugero luno lulaga enjawulo wakati w'abantu abalokolebwa n'abantu ababula. Lulaga kiki ekituuka ku bantu abatawuliriza bulungi mazima ga Katonda. Naye abantu bangi tebjja

kutegeera bintu bino.

Yesu ali nga ettaala. Ateekwa 'okuyimusibwa waggulu' bwe kityo abantu bonna basobole okulaba omusana ogw'amazima ga Katonda (Makko 4:22; Yokaana 1:4,5). Nga abantu bwe bajja eri omusana, bw'atyo Omwoyo Omutukuvu ayongera okubawa omusana ogusingawo. Katonda ajja kuwa omusana mu bwongo bwabwe, singa bategeera ne bakkiriza.



YOGERA KU KINO:

1. Kiki nnabbi Isaaya kye yayogera ekikwata ku mitima emikakanyavu (Makko 4:12)
2. 'Ettaka eddungi' kye ki?
3. Ngeri ki gye tuyinza okuyamba 'ensigo' okukula?

ENGERO EZIKWATA KU KUKKIRIZA N'OBWAKABAKA BWA KATONDA



Kaakano soma Makko 4:26-34

Yesu yayogera ku kukkiriza. Awatali kukkiriza omuntu tayinza kukkiriza Katonda n'okusanyusa Katonda. Yesu yayogera ku Bwakabaka obw'Omwoyo, Katonda mw'afugira nga Kabaka, si bwakabaka bakabaka ab'oku nsi bwe baakola. Abayigirizwa ba Yesu tebaategeera kiki kye yali ayogera ku bikwata ku Bwakabaka bwa Katonda.

Nate era, Yesu yakozesa eky'okulabirako ekya bulijjo okuva mu bulamu bwabwe. Omuntu asiga ensigo atekwa okuba n'okukkiriza:

- a) Ateekwa okukozesa ensigo ennungi era n'akkiriza nti ejja kukula.
- b) Ateekwa okuba omugumiikiriza n'okulindirira ensigo okukula.
- c) Ateekwa okukkiriza nti ensigo ejja kukula ku lwaayo (4:28).
- d) Ateekwa okukkiriza nti ejja kuvaamu ensigo endala nnyingi ku lw'amakungula (4:29).



ENGERO

- Yesu yakozesa engero okusomesa amazima eri abayigirizwa Be. Olugero ye mbooji ennyangu ey'ebintu ebibeerawo bulijjo naye nga erina amakulu ag'omwoyo, ag'ebuziba.
- Emirundi mingi yannyonnyola olugero olwo oluvannyuma eri abayigirizwa ekkumi n'ababiri (4:13).
- Waaliwo abantu mu kibiina abaatayagala kumanya mazima. Tebaawuliriza yadde okutegeera (4:24-25).
- Abantu abaayagala okumanya amazima ga Katonda baagezaako okutegeera amakulu g'engero.
- Omwoyo wa Katonda ayongera okubikkula amazima eri omutima ogwagala okutegeera Katonda. (Matayo 13:14-15).

Yesu yayogera olugero olulala olukwata ku Bwakabaka bwa Katonda. Bwali nga akasigo aka kalidaali akaasimbibwa mu nnimiro. Nga omwaka tegunnawera yandifuuse nnene okusinga ebimera ebirala byonna, oba oli awo ffuuti 12 (miita 4) mu buwanvu.

Obwakabaka bwa Katonda ku nsi bwatandika nga ekintu ekitono ennyo. Abagoberezi ba Yesu tebaali bantu ba mugaso nnyo. Baali bantu aba bulijjo abataalina maanyi.

Naye ate mu biseera by'obulamu bwabwe, Obwakabaka bwasaasaana wonna mu nsi emanyiddwa (Ebikolwa 1:8; 17:6).

Leero, amazima gabuulirwa buli wantu era abasajja n'abakazi bagaana amazima ga Katonda oba okugakkiriza era nga balokolebwa era beegatta ku Kkanisa y'Abakristaayo.



YOGERA KU KINO:

1. Ngeri ki Obwakabaka bwa Katonda gye buwa amawanga omukisa?
2. Ngeri ki gye bukula?
3. Kiki olugero lw'akasigo ka kalidaali kye lutuyigiriza ku bikwata ku Bwakabaka bwa Katonda?
4. Kiki kye tuyinza okukola okuyamba ensigo okukula?

ABAYIGIRIZWA BASOMOKA ENNYANJA



Kaakano soma Makko 4:35-39 – (Ne mu Lukka 8:22-25)

Yesu yagamba abayigirizwa Be okusooka okudda ku luuyi olulala olw'ennyaja. Bwe baali nga basomoka ennyanja, omuyaga ne gutandika n'amayengo ne gayiwa amazzi mu kaato kaabwe akatono. Abayigirizwa baatya naye Yesu teyatya. Yali yeebase.

'Omuyigiriza, tofaayo nga tubbira?' ne bakaabira Yesu (4:38). Yesu n'atuula. 'Sirika! Teeka!' Yalagira omuyaga. Omuyaga ne gusirika n'ennyanja n'eteeka.

Ne beetunulako omuntu omu n'ayogera mu kaama: 'Ono y'ani? N'omuyaga n'amayengo bimuwulira' (4:41). Baali batidde olw'omuyaga wabula kaakano baali batidde Yesu. Yali asuukka ku ddaala ly'omuntu owa bulijjo.

Yali Katonda! Yesu yayagala okumanya lwaki baali tebamwesize okubakuuma.

Emitima gyaffe bwe giba ng'ennyanja nga tegisobola kuwummula, Yesu ayogera ekintu kye kimu gye tuli, 'Sirika! Ndi wamu naawe. Nzisaamu obwesige.'

YESU ALEETA EMIREMBE MU MUTIMA GW'OMUNTU



Kaakano soma Makko 5:1-20 – (Ne mu Lukka 8:26-39)

Ku mabbali g'ennyanja, waaliwo amalaalo, empuku abantu ze baakozesanga

okuziikamu abantu abafudde. Omusajja omulalu yabeeranga omwo (5:3). Emyoyo emibi (badayimooni) gyamufuula kirimaanyi era omukambwe ddala. Abantu baagezaako okumusiba n'enjegere, naye n'azikutulanga n'adduka.

Omusajja bwe yalaba Yesu ng'ava mu lyaato, n'adduka ng'ajja gy'ali era n'agwa ku bigere Bye (5:6). Badayimooni baamanya Yesu Ye yali ani. 'Onjagaza ki, Yesu, Omwana wa Katonda ali waggulu Ennyo? Badayimooni baawoggana, 'Ndayirira eri Katonda nti tojja kunnumya!' (5:7). Badayimooni baamanyira ddala kiki Yesu kye yali. Badayimooni baatya Yesu. Emyoyo emibi gimanyi nti Yesu Ye Mwana wa Katonda.

Bamanyi nti Ye alina obuyinza ku bo era bamutya (Yakobo 2:19). Bamanyi nti Yesu Ye Mukama w'Obutonde bwonna. Ayinza okulagira badayimooni kubanga emyoyo gyonna emibi giteekwa okumugondera.

Makko atulaga nti Yesu alina obuyinza ku bintu byonna. Yesu yalagira badayimooni okuyingira mu ggana ly'embizzi. (Abayudaaya tebalya mbizzi.) Omusajja n'alaba embizzi nga zidduka okugwa mu nnyanja era n'amanya ye yali wa ddembe. Nti wa ddembe okuva mu badayimooni abo bonna. Yalina okukkiriza mu Yesu era n'atendereza Katonda. Naye abasajja abaali balunda

embizzi nabo ne badduka. Ne baddayo mu kibuga okutegeeza bannanyini zo ki ekyali kibaddewo. Abantu bwe baawulira olugero luno, ne bagenda beerabireko bo bennyini (5:14).

Omusajja yali ategeera bulungi, ng'atudde ng'asirise wansi ku bigere bya Yesu! Abantu b'omu kibuga ekyo ne batya. Nga ekyo tekinnabaawo, baali batya omusajja eyaliko badayimooni. Kaakano baali batya maanyi ga Katonda (5:17). Baafiirwa embizzi zaabwe, bwe batyo ne bagamba Yesu abaviire.

DDAYO EKA OTEGEEZE AB'EWAMMWE

Omusajja yayimirira ku ludda lwa Yesu ku lubalama. Teyalina mikwano, nga talina mmere, tewali mulimu wadde aw'okusula. 'Ka ngende naawe,' bwe yasaba Yesu (5:19). Yesu n'amugamba, 'Genda eka mu bantu b'omu nnyumba y'ewammwe obabuulire ebikulu Mukama by'akukoledde...' (5:19). Okumala emyaka mingi, Setaani yali abbye ab'omu nnyumba y'omusajja ono omwana oba omwami era taata. Kaakano kyaali kiseera kya kuddayo ategeeze ab'omu nnyumba ye ki Yesu kye yali amukoledde n'okutegeeza abantu abalala ku bikwata ku Yesu.

Emirundi mingi, eddogo oba obuseegu oba ebiragalalagala oba ebitamiiza oba zzaala bizikiriza bammemba ba famire zaffe oba okukyusa abazadde baffe okufuuka abafuzi abakambwe.

Mu kukola ebintu bino twaniriza emizimu okuyingira mu bulamu bwaffe. Amaanyi ga Yesu gokka ge gayinza okugoba emizimu gino. Yesu yekka y'asobola okuwa abagalwa baffe omwoyo ow'amaanyi n'okwagala n'okwegendereza (2 Timosewo 1:7).



YOGERA KU KINO:

1. Lwaki omuntu alina badayimooni yandidduse okusisinkana Yesu?
2. Lwaki Yesu yabuuza badayimooni erinnya lyabwe?
3. Emizimu gimanyi Katonda?
4. Kiki ekyatuuka ku mbizzi?
5. Kiki abatuuze b'omu kyaalo ekyo kye baalaba bwe baatuuka ku malaalo?
6. Wa omusajja oyo gye yalaga okutegeeza abantu ebikwata ku Yesu?

OMUKAZI OMULWADDE N'OMUWALA OMUFU



Kaakano soma Makko 5:21-43 – (Ne mu Lukka 8:41-56)

Yayiro, omukulu w'ekkunganiro yajja eri Yesu n'agwa ku bigere bya Yesu. 'Muwala wange afa,' bwe yayogera, 'Bambi jangu omusseeko emikono Gyo.' (5:23).

Ekibiina kyanyigiriza okwetooloola Yesu, era omukazi omulwadde n'amusemberera. Yali asaasaanyizza sente ze zonna ku ddagala, naye embeera ye yayogera bwongezi kusajjuka.

Mu kukkiriza n'akunuukiriza emabega wa Yesu n'akoma ku ggemo ly'ekyambalo Kye era n'awonyezebwa.

Katonda bulijjo ayanukula okukkiriza kwaffe okunafu. Yesu n'akyuka n'abuza, 'Ani ankuttek?' Yamanya nti amaanyi gaali gamuvuddemu (5:30; Lukka 8:45). Amaanyi tegaali mu byambalo Bye. Amaanyi gaali mu Yesu, mu Muntu We.

Omukyala naye yamanya nti yali awonyezeddwa (5:29). Yasembera mu maaso n'agwa ku bigere bya Yesu. 'Okukkiriza kwo kukuwonyezza,' bwe yamugamba. 'Genda mirembe. Osumuluddwa okuva mu kubonaabona kwo.' (5:34). Teri n'omu eyali ayogedde ebigambo ebiri nga bino eri omukazi ono mu bulamu bwe bwonna.

Oba oli awo olina endwadde oba omuntu omu nga yakukosa. Okulumwa okwo kuyinza okuba nga kwaliwo mu bbanga lya myaka emabega. Ogezezzaako buli kintu naye obulumu tebuwuddeewo. Semberera Yesu. Akulindiridde ggwe okumwesiga n'okukkiriza nti Ye ajja kutwaala obulumu bwo.

Yayiro yali akyalindiridde Yesu. Naye ababaka ne bajja gy'ali n'amawulire amabi: 'Muwala wo afudde,' bwe baayogera, 'Lwaki okutawaanya Omuyigiriza nate?'

'Totya,' Yesu bwe yamugamba, 'Kkiriza bukkiriza.' (5:35-36).

Yesu yalonda Peetero, Yakobo ne Yokaana okuyingira mu nnyumba wamu naye. Yateranga okukuumira abasajja bano abasatu kumpi naye (Makko 9:2). Baasisinkana abakungubazi abamu abaali bakaaba n'amaloboozi agali waggulu. 'Omwana tafudde naye yeebase,' Yesu bwe yabagamba. Bo ne bamusekerera

(5:40). Naye Yesu n'akwata omukono gw'omuwala n'agamba, 'Muwala, nkugamba, golokoka!' Amangu ago, omwoyo gw'omuwala ne gukomawo mu mubiri gwe. N'agolokoka n'atambula.

Yesu alina amaanyi okuwonya abantu n'okubaddiza obulamu. Mukomeko olw'okukkiriza. Mulindiridde mu kusaba ku lw'ebyetaago byo byonna. Asuubizza okwanukula (Abaebbulaniya 13:8; 1 Peetero 5:7).

ABANTU BAGAANA YESU



Kaakano soma Makko 6:1-6 – (Ne mu Lukka 4:16-30)

Yesu n'addayo e Nazaaleesi, gye yakulira (Makko 1:9; Lukka 2:39). Yayigiriza mu kkunganiro lyabwe, ennyumba y'okusabiramu omwasisinkaniranga Abayudaaya, ku lunaku olwa Ssabbiiti. Bangi abaamuwulira ne beewunya (6:2). Naye tebakkiriza nti Ye yali Masiya oba Kristo. Era yawonya abantu batono eyo kubanga bo baamanya nti ye yali mwana wa mubazzi (6:3).

Baali tebayinza kukkiriza mu Ye. Baakkiriza nti Yesu yali mwana wa Yusufu ne Malyamu. Tebaakkiriza nti Yesu yali mwana wa Katonda.

YESU ATUMA ABAYIGIRIZWA



Kaakano soma Makko 6:6-13 – (Ne mu Lukka 9:6).

Yesu yava e Nazaaleesi n'agenda mu byaalo ebirala mu Galiraaya. Ebiseera Bye ku nsi byaali bya kuggwaako mangu, so nga ate ebifo bingi byaali tebinnawulira Mawulire Malungi, bw'atyo n'atuma abayigirizwa bagende bagabuulire. Yesu yabawa amaanyi ku myoyo emibi era baalina amaanyi Ge okuwonya endwadde (6:7).

Kigenderere nti yabagamba: 'Temutwaala mmere, nsawo yadde sente mu misipi gyammwe.' Baali bakola omulimu guno ku lwa Katonda bwe batyo baali tebeetaaga kweraliikirira lwa mmere oba sente (4:19; 6:8). Baali basobola okussa obwesige mu Katonda.

Amaanyi ge gamu agaali mu bayigirizwa ge gali mu ffe. Abayigirizwa baifulumanga ne bayigiriza nti abantu baalina okwenenya nga bakyuka okuva mu bibi byabwe era bakyukire Katonda (6:12). Kigenderere nti tebagendanga omu ku omu, naye babiri babiri buli mulundi (6:7).

Ab'ennyumba emu bwe baabanirizanga, baayingiranga mu nnyumba ne bayigiriza abantu ebikwata ku Katonda. Baagoba badayimooni bangi ne bafuka amafuta matono ku bantu abalwadde ne babawonya (6:13).



YOGERA KU KINO:

1. Aniyalina okukkiriza mu Yesu – Yayiro oba muwala we?
2. Omukazi eyakoma ku Yesu, yalina okukkiriza mu Yesu oba mu kyambalo Kye?

3. Lwaki Yesu teyayinza kukola by'amagero bingi mu Nazaaleesi?
4. Emitima egitalina kukkiriza gikendeeza eby'amagero bya Katonda. Kituufu oba Kikyamu?
5. Kiki 'okwenenya' kye kutegeeza?

KERODE ATTA YOKAANA OMUBATIZA



Kaakano soma Makko 6:14-29 – (Ne mu Lukka 9:7-9)

Kabaka Kerode yafugira mu Galiraaya. Teyali mukwano wa Bayudaaya. Yali mukwano gw'Abaruumi. Yali ayitibwa 'Kabaka' kubanga yali afuga ekitundu ekinene ekya Isiraeri (Matayo 14:1). Yawulira nti Yesu yawonya abantu abalwadde n'okugoba emizimu. Abantu abamu baagamba, 'Katonda azuukizza Yokaana Omubatiza okuva mu bafu.' Abantu abamu ne bagamba, 'Ye Eriya'.

Kino kyatawaanya Kerode, kubanga omutima gwe gwaali gumusalira omusango.

Yali asibye Yokaana mu kkomera olw'okumubuulira (6:16-18). Yokaana yali agambye Kerode, 'Si kituufu ggwe okuwasa muka muganda wo Firipo.' Muka Kerode ayitibwa Kerodiyasi n'akyawa Yokaana, bw'atyo Kerode n'amussa mu kkomera oluvannyuma Kerode n'asalirwa amagezi era n'amutta.

Olw'okuba Kerode yali akoze ekisuubizo eri Salome, muwala wa Kerodiyasi, n'alagira okuttibwa kwa Yokaana. Yali tayinza kugamba nti ekisuubizo kye kyaali kikyamu mu maaso g'abagenyi be bonna abakulu, era teyalinda kumala kulowooza gwa kubiri ku nsonga eyo (6:27).

Oba oli awo Kerode yayagala okuwuliriza Yokaana nate, oba okulaba Yesu. Oluvannyuma, Yesu teyayanukula Kerode bwe yayimirira mu maaso ga kabaka mu kuwozesebwa Kwe (Lukka 23:9). Yesu yamanya nti omusajja ono omubi yali tayinza kuyimiriza ntegeka ya Katonda okulokola abantu okuva mu bibi byabwe.

YESU ALIISA ABASAJJA ENKUMI TTAANO



Kaakano soma Makko 6:30-34 – (Ne mu Lukka 9:10-17)

Yesu yali tayinza kulya na bayigirizwa Be 'kubanga abantu bangi nnyo baali bajja n'abalala nga bagenda' (6:31). 'Mujje nange... mu kifo ekitaliimu luyoogaano,' bwe yagamba. Ne balinnya eryato ne basomoka ennyanja okudda e Besusayida (Lukka 9:10).

Abantu baalaba nti Yesu yali agenda ne badduka okumwesooka mu maaso. Baatwaala abalwadde, nga basuubira nti bandimusanze.

Yesu n'abasaasira, 'kubanga baali nga endiga ezitaalina musumba.' Yalaba engeri gye baali abeeraliikirivu, abawubaavu era ababuze, bw'atyo n'atandika okubayigiriza.

Naye abayigirizwa baali bakooye. Beegomba okweseebulula okuviira

ebibiina. Baali beetaaga okuwummula era ne bawa Yesu ensonga ennungi ssatu ez'okusindika abantu baddeyo ewaabwe:

- a) Eno yali wala nnyo okuva awantu wonna we baali basobola okufuna eky'okula oba aw'okusula.
- b) Obudde bwaali bumaze okuyita.
- c) Abantu baali beetaaga okulya emmere.

Yesu n'agamba abayigirizwa, 'Mubawe eky'okulya.' Omuyigirizwa Firipo n'ayanukula, 'Omusaala ogw'emyezi omunaana tegwandiguze mmere emala ku lwa buli kinnoomu okulyako olugaaya lumu. (Yokaana 6:7). Ndereya n'alyoka ayogera, 'Wano waliwo omuvubuka alina emigaati emitono etaano n'ebyennyanya bibiri, naye ebyo biyinza kuyamba ki ku bantu abangi bwe batyi?' (Yokaana 6:8).

Yesu n'agamba abantu batuule wansi. Oluvannyuma, 'Ne yeebaza Katonda n'amenya emigaati.' N'awa abayigirizwa emigaati okugiwa abantu (Makko 6:41).

Abayigirizwa gye baakoma okugaba emigaati, gye baakoma okuba n'emigaati emirala egy'okugaba. Baali tebayinza kukikiriza. Bonna baalya ne bakkuta...' Kigenderere nti Yesu mu butuufu yakozesa abayigirizwa okutuukiriza eky'amagero.

Abakristaayo batera okwemulugunya nti omulimu gubayinze obunene, naye Katonda atuwadde byonna bye twetaaga, n'okukirawo (Abafiripi 4:13). Katonda mwetegefu okukozesa ekyo kye tulina, naye bwe tumumma, tetuyinza kumulaba nga akola eby'amagero n'ekyo kye twetegese okuwaayo.



YOGERA KU KINO:

1. Lwaki abayigirizwa baatawanyizibwa okulaba ebibiina?
2. Yesu yali asobola nnyo okukola emigaati egyaali gimala okuliisa abantu. Kituufu oba Kikyamu?
3. Kiki kye tulina okukola omulimu gwa Katonda bwe gutuyinga obunene?
4. Ngeri ki okukikiriza kwaffe gye kukulamu?

YESU ATAMBULIRA KU MAZZI



Kaakano soma Makko 6:45-56

Yesu yasindika abayigirizwa mu lyaato. N'alyoka asindika ebibiina Ye nga bwe yali agenda ku lusozi okusaba. Yesu yalaba abayigirizwa nga bafunye obuzibu mu kuwungula eryato. Bw'atyo kwe kugenda gye bali nga atambulira ku mazzi. Baamulaba era ne baleekaanira mu kutya. Ne balyoka bawulira eddoboosi, 'Mugume omwoyo! Ye nze nzuuno. Temutya (6:50).

Baamanya bulungi nnyo eddoboosi Lye. Tegwaali muzimu. Yali abakoowodde emirundi mingi emabegako. Baali batidde mu kusooka naye eddoboosi Lye ne libawa emirembe. N'ayingira mu lyato era omuyaga ne gukoma (6:51).

Kino kiri nga 'emiyaga' egyo egijja mu bulamu. Tukola nnyo ne tulafuubana kubanga tutya ne tuteesiga Katonda. Yesu n'alyoka ajja gye tuli n'okutya kwaffe ne kuggwaawo. Ye atuleetera obukkakkamu (emirembe) n'amaanyi n'okukkiriza. Emitawaana gyaffe girabika okukendeera Ye bw'abeera naffe.

Tulaba nti abayigirizwa baali tebannaba na kukkiriza kungi. Baagoberera Yesu ne balaba Katonda nga akola, naye ate beewuunya nnyo bwe yakkakkanya omuyaga n'atambulira ku mazzi.

Amangu ddala nga Yesu n'abayigirizwa Be nga bavudde mu lyaato e Genesaleeti, ekibiina ne kiddukira gy'ali nga basitulidde abantu abalwadde ku mikeeka (6:53-55).



YOGERA KU KINO:

1. Kiki abayigirizwa kye baalooza Yesu bwe yabasindikira mu lyaato?
2. Lwaki Yesu yasaba ekiro ekifo ky'okwebaka?
3. Abayigirizwa baanoonya obwakabaka obw'oku nsi. Kituufu oba kikyamu?
4. Ku nkomerero y'Essuula yo 6, kiki abayigirizwa kye bayize ekikwata ku bigendererwa bya Yesu, engeri gy'afaayo ku lw'abantu, n'amaanyi Ge?



EBIBUZO KU MAKKO ESSUULA 4 OKUTUUKA KU 6

(Eby'okuddamu biri ku muko gwa 39)

Londa ebighambo ebisinga okuba ebirungi okumaliriza emboozi.

1. Ensigo eyagwa ku ttaka eddungi n'ebala ebibala bingi eri nga abantu abawulira obubaka bwa Katonda ne ...
 - a) bakola nnyo
 - b) bataba na mitawaana mu bulamu bwabwe
 - c) bakikumira mu mitima gyabwe
2. Obwakabaka bwa Katonda buli nga ekimera kya kalidaali kubanga ...
 - a) bukula ne bugejja okuva mu nsigo entono.
 - b) Kigasa ku lw'ebinyonyi n'ensigo
 - c) Bukulira mu ttaka ddungi lyokka.
3. Omuntu alina omwoyo omubi ...
 - a) yadduka okuva ku Yesu.
 - b) yalundanga mbizzi.
 - c) Yaddayo eka nga ali bulungi
4. Omukazi yawonyezebwa ...
 - a) ddagala lya musawo
 - b) nga akwata ku Yesu mu kukkiriza
 - c) asasula ssente

5. Abantu mu kibuga Yesu gye yali abeera ...
 - a) baamwagala
 - b) baamunyigira
 - c) baagamba nti yali nnabbi.
6. Kerode ...
 - a) yagamba nti Yokaana yali Eriya.
 - b) yayagala okutta Yokaana.
 - c) yayagala okuwuliriza Yokaana

B. Mbooji ki Entuufu (KT) era ziri wa ezitali ntuufu oba Enkyamu (KK)?

1. Olunaku lumu tugenda kumanya ebintu abantu bye bagezaako okukweka n'okukuuma nga bya kyama. KT / KK?
2. Empewo yatwaala eryato ku ludda olulala olw'ennyanja. KT / KK?
3. Muwala wa Yayiro yali tafiiridde ddala. KT / KK?
4. Yesu yagamba abayigirizwa Be okwetwalira emmere. KT / KK?
5. Yesu yatambulira ku mazzi okugenda eri abayigirizwa Be. KT / KK?

C. Ssaamu ennamba ezitaliimu.

1. Ebimera ebimu byabala ebibala eby'ensigo _____, ebirala _____ n'ebirala _____.
2. Abayigirizwa _____ baatumibwa okubuulira Amawulire Amalungi.
3. Embizzi _____ zaagwa mu nnyanja.
4. Omuwala eyafa yali wa myaka _____ egy'obukulu.
5. Yesu yawa emmere abantu abawera _____.
6. Waaliwo emigaati _____ n'ebyennyanja _____.

OKUYIGIRIZA KW'ABAFALISAAYO



Kaakano soma Makko 7:1-23

Abayudaaya bannaddiini bulijjo baanaabanga mu ngalo zaabwe nga tebannaba kulya mmere. Era baazinaabanga mu ngeri ey'enjawulo. Abayigirizwa balyanga nga tebanaabye mu ngalo zaabwe. Kino kyaali kikontana n'engeri z'eddiini ez'Abafalisaayo.

Yesu yayita abamu ku Bafalisaayo bano 'bannanfuusi'. Tebaabeerawo mu ngeri yennyini gye baagamba abantu abalala okubeerawo. Beefuula bwefuuzi okuba abatukuvu. Baanaaba engalo zaabwe naye emitima gyabwe tegyali mirongoofu. 'Tewali kiva ebweru ekiyinda okukwonoona,' Yesu bwe yabagamba. 'Ekya ekiva munda mu ggwe kye kikwonoona' (7:15). Katonda atunula mu mutima gw'omuntu. Ye amanyi ki kye tuli era nga tuli ddala nga bwe tuli munda mu ffe.

'Isaaya yali mutuufu ku bikwata ku mmwe.' Yesu bwe yabagamba (Isaaya 29:13). Nnabbi yayogera ebigambo bya Katonda eri abakulembeze Abayudaaya

bannanfuusi. Ebigambo bya bannabbi birina okubaleetera okuyimirira ne balowooza, naye Abafalisaayo bannanfuusi baagaana ekigambo kya Katonda ne beekumira mu buwangwa bwabwe – ebintu bakitaabwe bye baali babayigirizza okukola.

Okunaaba mu ngalo mu ngeri ey'enjawulo nga tebannaba kulya bwe bwaali obumu ku buwangwa bwabwe.

Yesu yabagamba nti baali bakyusa amateeka ga Katonda. Yabawa eky'okulabirako: baali tebagondera kiragiyo, 'Ossanga ekitiibwa mu kitaawo ne nnyoko.' Muzza mu kifo kyalyo etteeka lyammwe mmwe.' Baakkiriza omwana okulekera awo okuyamba kitaawe ne nnyina nga bagamba, 'ekintu kino kiri corban'.


Corban kyaali kitegeeza 'kiweebwayo eri Katonda' era bulijjo zaali nga ssente. Mu ngeri eno omuntu yaziyizanga obuyambi bakadde be bwe baali beetaaga.

Oluvannyuma, abayigirizwa baamubuuza nate ebikwata ku lugero olw'omutima ogutali mulongoofu.' 'Temutegeera?'

Yesu bwe yababuuza, 'era n'abagamba nate nti mu mitima mwe muva ebirowoozo ebibi, ebirowoozo eby'okwegatta n'abantu ab'obutonde obw'enjawulo mu mukwano, okubba, obutemu, okwenda ku muntu atali mwami oba mukyala wo, omululu, okunyaga n'okulimba. Obubi buno bwonna buva munda mu muntu era ne bufuula omuntu oyo atali mulongoofu (7:21-23).

Bwe kityo nno okunaaba mu ngalo zaffe tekufuula mitima gyaffe mirongoofu. Katonda yekka y'ayinza okutufuula abalongoofu munda.

Abafalisaayo abamu baalina okukkiriza mu bulombolombo bw'eddiini ekifo ky'okussa obwesige mu Katonda. Eyo y'ensonga lwaki Yesu yabayita abannanfuusi; baali beefuula okuba abalungi (7:6; Lukka 11:37-54; Lukka 12:1-3). Abantu tebeetaaga kukuuma mateeka ga



Kiyudaaya amakadde agakwata ku mmere ennongoofu n'eteri nnongoofu (7:19). (Abayudaaya baali tebakirizibwa kulya bika bya nnyama ebimu.) Emmere si kye kikulu. Engeri y'ebintu bye tulwooza n'okukola y'enkulu eri Katonda.

OMUKAZI MUNNAGGWANGA ALINA OKUKKIRIZA



Kaakano soma Makko 7:24:37

Yesu yava mu kifo ekyo n'agenda e Tuulo ku lubalama lw'Ennyanja Mediteraniyani (7:24). Tuulo ne Sidoni byaali bibuga ebikadde ennyo ku lubalama olw'Ennyanja Enkulu (Mediteraniyani). Abantu ababeeranga omwo baali Bannaggwanga, si Bayudaaya. Baasinza bakatonda abalala.

Tuulo kyaali mu mailo 40 (kilomiita 60) okuva ku Nnyanja y'e Galilaaya. Yesu teyayagala bantu kumanya wa gye yali. Naye ne mu kifo kino, abantu baalaba Yesu.

Omukazi yalaba Yesu n'amuyita. Yayagala Yesu awonye muwala we. Omukazi ono yali w'ebweru, nga ali nga 'embwa' eri Abayudaaya, naye n'afukamira ku bigere bya Yesu n'asaba obuyambi Bwe.

'Sooka oleke abaana balye,' Yesu bwe yamugamba. 'Si kituufu kuddira mmere yaabwe kugisuulira mbwa.' Yesu yategeeza nti yali azze okuyigiriza amazima ag'Obwakabaka Bwe eri eggwanga ly'Abayudaaya okusooka. Omukazi yamanya ki kye yategeeza (Yokaana 1:11; Matayo 10:5,6).

Obudde bwe obwa 'okuwa emmere' eri Bannaggwanga bwandituuse oluvannyuma (Makko 16:15).

Kiki Yesu kye yali agamba omukazi ono? 'Okukkiriza kwo kuyinza okusukka ku langi yammwe n'eddiini n'ojja gye Ndi? Olina okukkiriza okumala ku lwa muwala wo okuwonyezebwa?'

Omukazi n'amuddamu, 'N'obubwa bulya ku bukunkumuka abaana bwe baleka wansi w'emmeza' (7:28). Yalaga nti yalina okukkiriza. Teyali wa malala kugaana kujja eri Omuyudaaya. Yesu yasanyusibwa nnyo okuddamu kwe era n'amugamba nti muwala we yali awonyezeddwa (7:29). Kyaali kyangu nnyo bwe kityo!

Obwakabaka bwa Katonda bw'abantu bonna era omukyala yeenyigamu newakubadde teyali Muyudaaya. Oba oli awo ye y'asooka mu kibuga ky'ewaabwe (Matayo 8:13; 11:12.)

Eky'ennaku, bangi ku Bayudaaya bannaddiini tebaayagala kukkiriza mu Yesu. Naye abagwira n'abantu aba bulijjo mu kibiina baalina okukkiriza okunene mu Yesu.

YESU AWONYA OMUSAJJA EYALI KIGGALA ERA

KASIRU

Okuva e Tuulo, Yesu yatambula olugendo oluwanvu nga yeetooloola okuddayo ku luuyi luli olw'Ennyanja y'e Galiraaya (laba maapu). Oluvannyuma lw'okutambula mailo nga 100, (kilomiita 150), Yesu yawonya omusajja eyali kiggala era eyali tasobola kwogera bulungi nnyo.

Kigenderere nti omusajja oyo yawonyezebwa kubanga abantu abaamuleeta eri Yesu baalina okukkiriza.



YOGERA KU KINO:

1. Lwaki olowooza nti Yesu yayogera eri omukazi mu ngeri eno nga tannawonya muwala we?
2. Mukisa ki omukazi gwe yasaba Yesu?
3. Kiki kye yakkiriza ku Yesu?
4. Ngeri ki gye tumanyi nti yategeera bingi ku Yesu okusinga bangi ku Bayudaaya?
5. Lwaki Yesu teyawonya muwala w'omukazi Omuyonaani mbagirawo?
6. Bintu ki omunaana Yesu bye yayogera n'okukola ku musajja kiggala era atayogera (7:33-34) nga tannaba kuwonyezebwa?
7. Lwaki olowooza Yesu yakola ebintu bino byonna omusajja oyo nga tannawonyezebwa?

YESU ALEETERA ABAYIGIRIZWA OKUTEGEERA



Kaakano soma Makko 8:1-38

Mu ssuula eno, abayigirizwa bayiga bingi ebibakwatako n'ebikwata ku Yesu:

- a) Abayigirizwa balina okukkiriza kutono n'emitima emikakanyavu (8:17-21).
- b) Peetero yayogera ki Yesu kye yali ddala (8:29).
- c) Yesu yababuulira ku kufa n'okuzuukira Kwe (8:31).
- d) Abagoberenzi Be bateekwa okwetikka omusalaba gwabwe era bagoberere Yesu (8:34).
- e) Yesu yayogera ku kujja Kwe okw'omulundi ogw'okubiri (8:38).

Ekibiina ekinene kyawuliriza Yesu nga bwe yayogera (8:1). Baali babadde naye okumala ennaku ssatu nga tebafunye kya kulya. Tewaaliwo maduuka era nga tewali mmere, naye abayigirizwa baalina emigaati musanvu mu bisero byabwe.

Yesu n'akwata emigaati gyabwe. 'Ne yeebaza, n'agimenya n'agiwa abayigirizwa okugiwa abantu.' (8:6). Nate era, Yesu n'akozesa abayigirizwa okukola eky'amagero. Abasajja nga enkumi 4000, nga kw'ogasse abakazi n'abaana, baalya ne bakkuta.

Yesu bwe yamala okusindika abantu okuddayo, Ye n'alinnya eryato awamu n'abayigirizwa Be ne bagenda oludda olulala olw'Ennyanja ey'e Galiraaya.

Nga bali eyo, Abafalisaayo ne 'basaba akabonero okuva mu Ggulu' (Lukka 23:8). Baakola kino okumukema, kubanga baayagala okwerabirako ku maanyi Ge ag'ekitalo. Tebaalina kukkiriza, n'ebibuuzo byabwe byaleetera Yesu okukoowa. 'Teri kabonero kajja kubaweebwa,' bwe yabagamba (8:12) 'okujjako akabonero ka Yona.'

Abayigirizwa nga bwe baali nga baseeyeeya okwambuka e Besesuda, Yesu n'agamba, 'Mwekuume ekizimbulukusa ky'Abafalisaayo n'ekizimbulukusa kya Kerode' (8:15). Abayigiriuzwa baalabika okuba nga batabuddwa. Baalowooza nti Yesu yali ayogedde kino kubanga baali beerabidde okugula emigaati. Yesu yali abalabula ku kibi n'obubi. 'Temukkiriza obutaba na kukkiriza bwammwe okufaana nga obwabwe,' bwe yagamba.

'Omugaati' ogw'ensi eno si gwa lubeerera. Yesu yekka y'ajja okumatiza emirembe gyonna abantu abo abakkiriza mu Ye. Ye ye 'mugaati ogw'obulamu'.

Mu Besesuda, abantu abamu baaleeta omusajja muzibe eri Yesu ne bamwegayirira okukwata ku maaso ge (8:22). Oba oli awo guno gwe gwali omulundi gwokka Yesu gwe yagerezaako emirundi ebiri okuwonya omuntu. Abayigirizwa baali nga omusajja ono muzibe. Baali tebayinza 'kulaba' bulungi okusooka ebintu Yesu bye yayigiriza ku bikwata ku Bwakabaka obw'omu Ggulu.

PEETERO AKKIRIZA NTI YESU YE KRISTO

Baali batambula nga bayita mu byalo Yesu we yabuuliza abayigirizwa, 'Abantu bampita ani?' (8:27). Yayagala okuwulira ki kye bandigambye. Yayagala boogere ki kye baakkiriza ddala.

Ne bamuddamu, 'Abamu bagamba nti ggwe Yokaana Omubatiza, abalala bagamba nti Eriya, ate abalala, nti oli omu ku bannabbi.' (8:28).

'Naye ate mmwe,' Yesu bwe yabuuzza. 'mumpita Ani?' (8:29). Peetero n'addamu, 'Ggwe Kristo.' Peetero yali ateggeeza Kristo, Masiya, Kabaka Katonda gwe yali asuubizza. Yesu yasanyusibwa okwanukula kuno.

'Okutegeera kuno tekwakuweebwa mubiri na musaayi,' Yesu bwe yagamba Peetero, 'naye Kitange ali mu Ggulu.'

EKKUBO ERY'OKUBONAABONA

Nga asembleredde enkomerero y'okuyigiriza Kwe, yagamba abayigirizwa Be ki ekyandimutuseeko. Yali agenda kubonaabona ebintu bingi n'oluvannyuma alyoke afe (8:31).

Yayogera gye bali mu ngeri etegeerekeka, si mu ngero. Mangu ddala yali wa kuttibwa. Omwana w'omuntu yanditwaliddwa:

- a) abantu Be bennyini
- b) abakulembeze bannaddiini
- c) bakabona abakulu abaalina obuyinza obusukkiridde.

Bonna bandirekaanye 'Attibwe!' Naye oluvannyuma lw'ennaku ssatu, yandizuukidde nate okuva mu bafu. Peetero yatawaanyizibwa nnyo bino

byonna. Yatwala Yesu ku mabbali n'atandika okumunenya. 'Tekiribaawo, Mukama!' bwe yagamba. 'Kino tekirikutuukako!' (Matayo 16:22).

Yesu n'atunuulira Peetero n'abalala. Yagamba, 'Dda ennyuma wange, Setaani. Tolowooza (n'okwogera) ebintu bya Katonda!' (8:33). Mu bbanga erimpi ennyo, Peetero yali akyuse okuva mu kuwuliriza Katonda ('Ggwe Kristo') n'adda mu kuwuliriza Setaani.

Peetero kye yayogera kyali ekyo Peetero kye yayagala. Setaani yali atadde ebigambo bino mu kamwa ka Peetero. Setaani yakozesanga engeri yonna okuyimiriza oba okuziyiza entegeka ya Katonda okulokola abasajja n'abakazi.

WEETIKKE OMUSALABA GWO OGOBERERE YESU

Peetero yali tayagala kugoberera Yesu singa yali agenda kuttibwa. Bw'atyo Yesu n'alabula bonna nti baali basobola okuba abayigirizwa, naye waaliwo omuwendo ogwalina okusasulibwa. Buli muyigirizwa yalina 'okwetikka omusalaba gwe'. 'Omusalaba' ngeri ya bulamu. Buli muntu ateekwa okuba omwetegefu okufa eri obuntu bwe (okuleka engeri ye ey'obulamu) n'okukkiriza okwagala kwa Katonda ku lw'obulamu bwabwe. Kino Peetero kye yali yeetaaga okukola.

Ku lw'Omukristaayo, omusalaba gwa Kristo si kintu kirungi. Si kintu ekya



OKUWONYA ABANTU ABALWADDE

'Waliwo omulwadde mu mmwe?', Yakobo bwe yabuuzza. 'Essaala eweereddwayo mu kukkiriza eneewonya omuntu oyo omulwadde,' (Yakobo 5:14-15). Omulwadde kiyinza okutegeeza omulwadde mu mubiri oba mu mwoyo. Tuyinza okuba abalwadde n'okweraliikirira, n'okukola, n'okuba abalwadde n'endwadde. Abantu abamu balwadde mu birowoozo byabwe. Abamu balwadde ne badayimooni. Katonda ayinza okuwonya obulwadde bwonna. Omuntu omulwadde ateekwa okulaba nti yeetaaga okukwatibwako kwa Katonda. Balina okutumya abakulembeze b'ekkanisa – ekibinja ky'abakkiriza ab'omu kitundu. Bano bakulembeze ba mwoyo mu Bakristaayo abali awamu. Bakulembera abalala kubanga basajja ba kukkiriza. Bayize okukkiriza ebisuubizo bya Katonda. Balina obuyinza n'amaanyi ga Kristo (Matayo 28:18).

Abantu abo bajja okusabira omuntu omulwadde n'okubasiiga amafuta mu linnya lya Mukama Yesu. Amafuta gakiikirira Omwoyo Omutukuvu. Ye ge maanyi ga Katonda mu Kkanisa. Tusaba Katonda okuwonya omuntu omulwadde mu linnya lya Mukama Yesu (Yokaana 14:12-14). Tusaba nti Mukama abawonye endwadde oba okuggwamu essuubi. Awonya omulwadde gw'ayagala okuwonya oba ayongerera okubawa ekisa, okwagala n'amaanyi okukkiriza okubonaabona kwabwe (1:12). Pawulo yasaba Katonda emirundi esatu okuwonya 'eriggwa mu mubiri gwe'. Katonda teyamuwonya. Yagamba Pawulo, 'Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirizibwa mu bunafu (bwammwe)' (2 Kol 12:9).

zaabu ku lujegere. Omusalaba Gwe gutegeeza kufa eri obulamu bwaffe obukadde. Bwe 'twetikka' omusalaba gwa Yesu, tubeerawo okuweereza Katonda. Tukola ebintu ebyo byokka ebimusanyusa. Omusalaba gutegeeza kufa eri obuntu, naye era gutegeeza bulamu eri omuntu omuggya azaalibwa munda mu ffe.

Omuntu ayagala okugoberera Yesu atekwa okwerabira ye yennyini. Ateekwa okwerabira okwegomba kwe okweyagaliza eby'omuntu. Yesu yakola ekyo buli kaseera konna ak'obulamu Bwe. Yaleka ekitiibwa n'amaanyi Ge n'ajja ku nsi okukola Kitaawe kye yayagala (Abafiripi 2:7-8). Kaakano awa abagoberenzi Be engeri y'emu ey'obulamu n'okuyitibwa. Yaleka buli kintu okunoonya n'okulokola abo abaali baabula.

Yesu bwe yagamba abayigirizwa Be okwetikka omusalaba gwabwe bamugoberere (8:34), yali era alwooza ku kiseera mu maaso abantu mwe baamutwala ku lusozi ebweru wa Yerusaalemi ne bamukomerera ku musalaba.

Yesu ayagala abagoberenzi Be okukulembeza Yesu mu bulamu bwabwe n'okusaasaanya Amawulire Amalungi (8:35). Ku lw'abantu abamu, kiyinza okubafiiriza obulamu bwabwe. Tuli beetegefu okukola kino?

Yesu era ayogera ku Kujja Kwe okw'Omulundi ogw'Okubiri (8:38). Tujja kwongera okukyogerako mu kitundu eky'okubiri eky'Enjiri ya Makko. Era ne ku byatuuka ku Yesu nga tannafa n'oluvannyuma lw'okufa Kwe.



YOGERA KU KINO:

1. Bibuuzo ki ebibiri Yesu bye yeebuuzza (8:27-29)? Kyakuddamu ki ky'olina?
2. Kiki kye tulina okujjukira 'okufa eri obuntu' bwe kulabika okuba okuzibu ennyo?
3. Kiki ekisinga okuba eky'omuwendo okusinga omubiri gw'omuntu? (8:36)
4. Oba oli awo tulina okutya nti tunaafiirwa obulamu bwaffe bwe tugoberera Yesu. Naye kiki kye tulina okusinga okutya (8:38)

EBIBUUZO KU MAKKO ESSUULA 7 NE 8

(Eby'okuddamu biri ku muko gwa 39)

A. Londa eky'okuddamu ekisinga obulungi oba ekigambo ekisinga obulungi okumaliriza embooji.

1. Lwaki Yesu teyayagala Abafalisaayo bye baayogera n'okukola?
 - a) Tebaamuwuliriza.
 - b) Baagamba abayigirizwa Be okunaaba engalo zaabwe n'okwoza ebibya byabwe.
 - c) Emitima gyabwe tegyali mirongoofu.

2. Yesu yawonya muwala w'omukyala Omuyonaani kubanga...
 - a) yamwagala
 - b) yamubuulira olugero olw'ennaku
 - c) yakkiriza mu Ye
3. Yesu ye ...
 - a) omu ku bannabbi
 - b) Yokaana Omubatiza avudde mu ntaana.
 - c) nti Masiya
4. Lwaki Yesu yagamba Peetero nti yali talowooza nga Katonda?
 - a) Teyakkiriza mu Yesu
 - b) Yali tayagala Yesu afe
 - c) Teyayagala kugenda ne Yesu.

B. Mbooji ki entuufu (KT) era ziri wa ezitali ntuufu oba enkyamu (KK)

1. Yesu yagamba nti ekiva mu muntu kiyinza okumufuula omukyafu. KT / KK?
2. Abantu enkumi nnya baaliisibwa okuva mu migaati musanvu n'ebyennyanya ebitono bitono. KT / KK?
3. Ekizimbulukusa ky'Abafalisaayo kwaali kuyigiriza kwabwe okubi. KT / KK?
4. Omwana w'omuntu lyaali linnya lya Yesu. KT /KK?
5. Katonda yagamba nti Yesu yali Mwana We omwagalwa. KT / KK?

C. Biruwa ku bigambo bino bye tuyinza okukozesa nabyo ekigambo ky'Oluganda 'OBUNGI' naye obutabalibwa era biri wa bye tuyinza okukozesa nabyo ekigambo ky'Oluganda 'EBINGI' era ebibalibwa?

- a) embizzi _____ b) empewo _____.
- c) ettaka _____ d) okwogera _____.
- e) ebyennyanya _____ f) abantu _____.
- g) emyoyo emibi _____ h) amazzi _____.
- i) emigaati _____ j) omunnyo _____.

Okusaasaanya Amawulire Amalungi

Yesu yagamba abayigirizwa Be okuyigiriza buli muntu buli kintu kye yabayigiriza (Matayo 28:20). Ababuulizi abamu bayigiriza Amawulire Amalungi aga Yesu (Enjiri) nga bagamba abantu nti Katonda ayagala buli kinnoomu era ajja kubawa omukisa n'okubawa ebintu ebirungi singa bagoberera Yesu. Beerabira okugamba nti Katonda Ye mutukuvu era akyawa ekibi. Beerabira okugamba nti bulijjo kitwala omuwendo munene okugoberera Yesu. Yesu yajja okutegeeza amazima gonna okuva eri Katonda (Yokaana 18:37). Katonda amanyi nti tugwanira okubonerezebwa ku lw'ebibi byaffe era twetaaga okusumululwa okuva mu bibi byaffe. Yesu yajja okutwala ekibonerezo ku lwaffe nga afiira ku musalaba. Bwe tukkiriza kino olwo tuyinza okusonyiyibwa n'okusumululwa okuva mu bibi byaffe n'okukkirizibwa Katonda. Ayinza oluvannyuma lw'ekyo okutuwa ekiruubirirwa ekiggya mu bulamu bunu n'essuubi ku lw'obulamu obw'omu maaso newakubadde wajja kubaawo emitawaana ebiseera ebimu. Eno y'Enjiri enzijuvu gye tuteekwa okuyigiriza n'okubuulira.

KATONDA AKWAGALA newakubadde

okola ebintu ebikyamu n'okulowooza ebintu ebikyamu.

Katonda yatuma Omwana We, Yesu Kristo,

okukulaga ekkubo ettuufu eridda ewa Katonda.

Katonda yamuleka n'afa ku musalaba okulaga okwagala Kwe gye tuli.

Yesu yafa ku lw'abantu nga ggwe nange.

Oluvannyuma lw'ennaku ssatu Katonda yawa Yesu obulamu obuggya.

Bw'okkiriza mu Yesu n'ogoberera okuyigiriza Kwe,

ajja kukusonyiwa n'okukuwa obulamu obuggya.

Ajja kukusumulula okuva mu makubo go amabi.

Oluvannyuma lw'ekyo ojja kuterezebwa ne Katonda

era ojja kubeeranga naye emirembe gyonna.

Katonda akukoledde bwereere bino byonna

ne bw'olowooza nti tewali ssuubi.

Ekitabo kya Yesu, Abawandiisi b'ebitabo ebya MANGU

Mark pt 1 LUGANDAN. 2011

EBY'OKUDDAMU ERI EBIBUUZO

Makko Essuula 1 okutuuka ku 3

Ekitundu A. 1. b, 2. a, 3. c, 4. a, 5. c, 6. b, 7. a.

Ekitundu B. 1. KK, 2. KT, 3. KK, 4. KT, 5. KK, 6. KK

Makko Essuula 4 okutuuka ku 6

Ekitundu A. 1.c, 2.a, 3.c, 4.b, 5.b, 6.c.

Ekitundu B. 1.KT, 2.KK, 3.KK, 4.KK, 5.KT.

Ekitundu C.

1. asatu, nkaaga, kikumi
2. kkumi na babiri
3. nga enkumi bbiri
4. kkumi n'ebiri
5. enkumi ttaano
6. etaano, bibiri.

Makko Essuula 7 ne 8 (omuko ogwa 52)

Ekitundu A. 1.c, 2.c, 3.c, 4.b.

Ekitundu B. 1.KT, 2.KT, 3.KT, 4.KT, 5.KT.

Ekitundu C. a. nnyingi, b. nnyingi, c. ddene, d. kungi, e. bingi, f. bangi, g. mingi, h. mangi i. mingi j. mungi.

Kikubiddwa:

Kafulumiziddwa:

Katonda asobozesezza ebitabo ebinnyonnyola Baibuli ebya Manna okufulumizibwa mu:

Armenia, Benin, Bulgaria, Burkina Faso, Burundi, Cameroon, Cambodia, Congo Dem. Rep. (Kinshasa and Katanga), Congo (Brazzaville), Egypt, Ethiopia, Ghana, Guatemala, India, Kenya, Kosovo, Liberia, Malawi, Mali, Mongolia, Mozambique, Myanmar, Niger, Nigeria, Pakistan, Rwanda, Serbia, Sierra Leone, Sudan, Swaziland, Tanzania, Togo, Uganda, Zambia and Zimbabwe

ne mu nnimi amakumi 33 ng'ogasseeko Braille

**www.manna-publications.org.uk
e-mail: mannabooks.uk@googlemail.com**

MAKKO: Okuyigiriza Okwasooka okwa Yesu Kristo

- Makko ye yali ani?
- Yokaana Omubatiza ye yali ani?
- Yesu alonda abayigirizwa Be
- Yesu mukwano gw'aboonoonyi
- Amaanyi ga Katonda ku Setaani
- Ebyamagero bya Yesu
- Okuwonyezebwa mu linnya lya Yesu
- Okuyigiriza kwa Yesu

EKITABO KINO kyogera ku nnaku ezasooka ez'obuweereza bwa Yesu ku nsi. Kyogera ku kuyigiriza Kwe n'okuwonya Kwe ne ki kye kitegeeza okubeera omugoberezi wa Yesu leero.

Ebitabo ebinnyonyola Baibuli ebikubibwa MANNA PUBLICATIONS Supply byawandiikibwa Fred Morris. Okumala emyaka mingi Fred, ne Mukyala we Loma, baatambula okwetooloola ensi nga bayigiriza n'okubuulira. Bwe baaddayo eka baawandiika ensonga zino ku lw'okufulumizibwa n'okutundibwa buli awaali obwetaavu ku lw'okuyigiriza kw'Ekikristaayo okw'omusingi.

Ekitabo kino ekya UK EKYALONGOOSEBWAMU kyawandiikibwa mu Luzungu Olw'ensi yonna olwangu-okusoma ekijja okwongerako okutegeera ate era n'okwanguyako okuvvuunula okukizza mu nnimi endala. Kiwa okuyigiriza okw'omusingi ku lw'abasomi bonna gattako eby'okuyiga ebirala ku lw'abayizi ba Baibuli, abasomesa n'abasumba.

EBITABO BINO bya kukozeza ggwe ku lulwo oba okuyigira mu kabinja. Bijja kukuyigiriza amazima ga Katonda. Bijja kukuyamba okumanya Omwana wa Katonda, Yesu Kristo. Bijja kukuyamba okwogera ku kukkiriza kwo mu Katonda. Bijja kusobozesa Omwoyo Omutukuvu oba Katonda okukulungamya okwewala okukwata ekkubo ekkyamu mu bulamu. Bijja kukutegeeza engeri gy'oyinza okubeerawo mu bulamu obusanyusa Katonda.

TUSABA nti obe n'emirembe n'ekiruubirirwa ekiggya mu bulamu nga bw'osoma Baibuli n'okukozesa ebitabo bino.

Manna Publications

EBITABO EBYEKUUSA KU BAIBULI EBY'OMUSINGI

'Ekyama ky'Obwakabaka bwa Katonda kikuweereddwa.' (Makko 4:11)